# EBIGAMBO BY'OBUJJANJABI MU LUGANDA

MULIMU N'EBIGAMBO EBY'AMAGEZI AG'EKIKUGU AMALALA

## LUGANDA MEDICAL AND ARTISANS' TERMINOLOGIES

ISBN 978-9970-636-03-7

© Luganda/ Lusoga/ Lugwere Vehicular Cross-border Language Commission

2020

# EBIGAMBO BY'EKISAWO MU LUGANDA

Mulimu n'ebigambo ebinnyonnyola amagezi amalala ag'ekikugu

# LUGANDA MEDICAL AND ARTISANS' TERMINOLOGIES

Kyawandiikibwa Luganda/ Lusoga / Lugwere Vehicular Cross-border Language Commission

ISBN 978-9970-636-03-7

9 789970 636037

©Luganda/Lusoga/ Lugwere Vehicular Cross-border Language Commission

ENNYANJULA

EMPULIZGANYA kikulu nnyo mu mpeereza y'emirimu, naddala mu bujjanjabi.

Aboogezi b'Olulimi Oluganda bangi balina amannya Amaganda agayitibwa endwadde ezitali zimu kyokka nga gakaluubirira abajjanjabi bangi ne batamanya bulwadde buba bwogerwako ate nga n'abalwadde bakaluubirirwa okugazza mu lulimi Olungereza oba olusawo abajjanjabi basobole okutegeera.

Endwadde endala abasawo bazoogerako mu lulimi lw'ekisawo, abalwadde lwe batategeera so ng'endwadde ezo zennyini zirina amannya mu lulimi Oluganda era nga ssinga omusawo g'akozesezza omulwadde yandyongedde okutegeera ekimuluma.

Okutumbula empuliziganya wakati w'abalwadde n'abasawo, akakiiko ka Luganda/ Lusoga/ Lugwere Vehicular Cross-border Language Commission kye kavudde kawandiika ekitabo ekinnyonnyola ebigambo by'ekisawo mu lulimi Oluganda n'ekigendererwa ky'okwanguyiza abalwadde, abajjanjabi n'abayiga obujjanjabi okwongera okutegeera amannya g'endwadde ezitali zimu mu Luganda era n'ebizikwatako mu bufunze.

Ebigambo bino bifuniddwa okuva mu boogezi b'olulimi, okuva mu mawulire ate ennyinnyonnyola yaabyo n'eggyibwa mu basawo abakugu n'abajjanjabi.

©

INTRODUCTION

COMMUNICATION is very vital in services delivery, especially in the medical sector.

Native Luganda speakers have names associated with different diseases but many medical practitioners cannot relate these terms to the medical terminologies for these diseases and this usually may lead to misunderstandings between patients and medical services providers.

The vice versa is also true where medical services providers use terminologies for diseases which patients fail to relate to whereas they have equivalents in their mother tongue which they would relate to and therefore have a better understanding of their medical conditions.

By compiling medical terminologies and their Luganda equivalents and meanings, the Luganda/ Lusoga/ Lugwere Vehicular Cross-border Language Commission aims at easing communication between patients and medical service providers, and also supporting teaching and learning in the medical field for the students and teachers in the Luganda speaking areas.

The words are a compilation from Luganda speakers, from health news in the media and from medical practitioners who have also given manings to these medical terminologies.

EBISOOKERWAKO

BAJJAJJAFFE baamanya nti emmere n'ebimera ebitwetoolodde ddagala. Baamanya nga bwe balya obulungi, ne bafuna amazzi amalungi, ne bafuna empewo ennungi, ng'omuntu aba mulamu, era awona obulwadde obuba bumuzinze. Enzijanjaba eyaffe ey'edda twagidibya nga tufunye abagenyi abaatukyayisa ebyaffe. Kale omulimu ogukomyawo okumanya amannya g'endwadde n'eddagala bye twali tumanyi kirungi nnyo. Twafuna ebigambo ebitaali bya Luganda naye nga bituyigiriza enzijanjaba ey'omulembe n'okukola emirimu egy'enjawulo mu Luganda. Kale ebigambo ebyo bwe tubiyiga mu Luganda kijja kwongera okufuna obukugu obw'emirundi ebiri, enzijanjaba engwira n'eyaffe ey'edda. Kirungi abantu ab'enjawulo nabo bongere okunoonyereza mu mirimu egy'enjawulo, tubiwe bannaffe abatandise omulimu guno, tusobole okuba abakugu mu bintu bingi, kyokka nga tusigadde tuli Baganda mu buli nsonga.

**Dr. Adam Kimala,**

**Omusawo alongoosa, akola mu Kampala Hospital.**

FOREWORD

OUR ancestors knew that food and plants were medicine. They knew that by eating properly, getting fresh and clean water, and getting fresh air, one gets good health and can fight off invading disease. Our old ways of treating the sick as well as doing different jobs were abandoned when foreigners came and made us hate our culture telling us that it was primitive. Now this great job of bringing back that old Kiganda knowledge of the names of diseases and the drugs that cured them is great. We got foreign words teaching us modern medicine and doing different jobs. When we get our Luganda words relating to and explaining the foreign words, this is a big step to making us experts both in foreign and our old ways of work. It is of utmost importance that different people do research in those terminologies in Luganda and pass them to the group that started this great job of relating the old traditional knowledge with the modern as a way of helping us become experts in different jobs while we remain Baganda.

**Dr. Adam Kimala,**

**Surgeon at Kampala Hospital.**

## EBIKWATA KU BAWANDIIISI

EKITABO kino kiwandiikiddwa bannakakiiko ka Luganda/ Lusoga Lugwere oluvannyuma lw'okukola okunoonyereza mu bantu abatali bamu abakugu b'olulimi Oluganda, n'abakugu mu mirimu egitali gimu omuli abasawo abatendeke mu malwaliro n'abo abajjanjaba mu nkola ey'ekinnansi, abakola emirimu nga obuweesi, obuzimbi n'obwamakanika.

Ebigambo by'ekisawo biwandiikiddwa Margaret Nankinga ne Dr. Adam Kimala omusawo alongoosa owa Kampala Hospital nga bayambibwako Ambrose Kiyingi ng'ono mujjanjabi akozeeko mu malwaliro ag'omu byalo okuli Seeta Namuganga ne Naggalama nga kati asoma diguli mu bwannansi, wamu ne Patrick Katongole asoma eby'eddagala. Bano bombi bali mu yunisite ya Ssaayansi n'amagezi ag'ekikugu (tekinologiya) e Mbarara.

Ebigambo by'obuweesi bikuŋŋaanyiziddwa Joyce Naluggya Tomusange eyakola okunoonyereza mu baweesi b'e Katwe ne Masaka. Naluggya muwandiisi wa butabo mu Luganda. Ebigambo by'obwamakanika byakuŋŋaanyizibwa Fred Lukabwe Kisirikko eyakola okunoonyereza mu bamakanika abatali bamu e Kampala ne Masaka. Kisirikko ye Ssentebe w'Ekibiina Ky'olulimi Oluganda ate ebikwata ku kuzimba ne biwandiikibwa Florence Nabacwa eyabinoonyerezaako mu Kampala ne Wakiso. Nabacwa musomesa.

Bisengekeddwa Margaret Nankinga, omukwanaganya w'akakiiko.

## ABOUT THE AUTHORS

THIS book was written by members of the Luganda/ Lusoga/ Lugwere Vehicular Cross-border Language Commission who compiled terminologies after research and consultations with medical practitioners, artisans, mechanics and selected Luganda language specialists.

The medical terminologies were compiled by Margaret Nankinga and Dr. Adam Kimala with the support of Ambrose Kiyingi and Patrick Katongole. Margaret Nankinga is a teacher of Luganda, an editor and author, Dr Kimala is a surgeon at Kampala Hospital while Ambrose Kiyingi is a nurse who has worked in rural hospitals; at Seeta Namuganga in Kayunga district and Naggalama Hospital in Mukono district. He is currently doing a degree in Nursing at Mbarara University of Science and Technology. Katongole is a student of pharmaceutical sciences at Mbarara University.

The metalsmiths' terminologies were compiled by Joyce Naluggya Tomusange, after consulting artisans in Katwe and Masaka. Naluggya is an author of books in Luganda language. The terminologies of mechanics were compiled by Fred Lukabwe, the Chairman of the Luganda Language Soceity after consulting mechanics in Kampala and Masaka. Building and construction terminologies were compiled by Florence Nabacwa after consulting building specialists in Wakiso and Kampala. Nabacwa is a teacher.

Layout is by Margaret Nankinga.

## OKWEBAZA

Twebaza abantu bonna abakoze obutaweera okulaba ekitabo kino nga kifuluma.

Twebaza abakugu b'olulimi Oluganda okuva mu yunivasite e Makerere, Uganda Martyrs' University, Muteesa Royal University, abeebyenjigiriza, bannaddiini n'Abeekibiina ky'Olulimi Oluganda abakkiriza nga tubayise okujja okukubaganya ebirowoozo n'okuwabula ku bigambo bino era okuwabula kwammwe kwe tuzimbidde ekitabo kino. (Olukalala lw'amannya gaabwe luli ku lupapula 55).

Twebaza abaweesi b'e Katwe, abazimbi ne bamakanika mu Kampala Wakiso ne Masaka abakkiriza okutuwa bye bamanyi ku lulimi lwe bakozesa mu mirimu gyabwe.

Twebaza Obwakabaka bwa Buganda obwatuwa ekifo we twakuŋŋaanira nga tukubaganya ebirowoozo ku bigambo bino.

Okwagala n'okwewaayo kwe mwalaga n'amagezi ge mwawa bye bitusobozesezza okufulumya ekitabo kino era tulina essuubi nti omulimu gwe tutandise muli baakugwongerako.

**Luganda/ Lusoga/Lugwere Vehicular Cross-border Language Commission.**

## APPRECIATION

Appreciation goes to all those people who supported the compilation and production of this book.

Special thanks go to Luganda language specialists from Makerere University, Uganda Martyrs' University, Muteesa Royal University, educationists, religious leaders and members of Luganda Language Soceity who agreed to participate in the workshop to discuss these terminologies and made contributions which have helped in the production of this book.

We are also grateful to all the medical workers and artisans in Kampala, Wakiso and Masaka who positively contributed to the compilation of the terminologies in this book.

We thank the Buganda government for providing us with space to hold our workshop.

All your contributions and advice contributed greatly to the production of this book and we hope that you will add to the work we have started.

**Luganda/ Lusoga/Lugwere Vehicular Cross-border Language Commission.**

EBIRI MUNDA CONTENTS

Ebigambo by'ekisawo ....... Olup. 7

Ebigambo by'okukanika ... Olup. 44

Ebigambo by'okuweesa ... Olup. 50

Ebigambo by'okuzimba .... Olup. 51

Ebisembayo .... olup. 55

Medical terminologies --- P.7

Mecanical terminologies ... P.44

Metal artisans' terminologies ..P.50

Builders' terminologies ... P. 51

Appendix … P.55

ESSUULA ESOOKA CHAPTER 1

## EBIGAMBO BY'EKISAWO MEDICAL TERMINOLOGIES

| LUGANDA | LUNGEREZA | EBINNYONNYOLA |
|---|---|---|
| Entumbi | Volvulous | Olubuto okuzimba nga luva ku kyenda ekinene nga kyesibye. |
| Ebinyaanya | Psoriasis | Eno ndwadde ya lususu. |
| Sukaali | Diabetes | Buno bulwadde bwa Nnuuni nga tesobola kukola oba kutereka kirungo ekiyitibwa yinsuliini, oba ng'ekirungo kino ekikolebwa kitonotekimala mubiri. |
| Sukaali akwata abakazi abali embuto (Ssukaali mu bembuto) | Gestational diabetes | Wano tulina Sukaali wa mirundi ebiri (i) Mu bembuto yinsuliini nga tamala mukyala na mwana ali munda ne (ii) Abantu abanene ennyo nga yinsuliinitabamala, era naye ayitibwa kye kimu. Oyo tumujjanjaba na ndya oba emmere. Awona oli bw'azaala oba bw'akogga. |
| Ekyuma ekikyusa eddagala ey'amazzi ne lifuuka omukka | Nebuliser | Ekyuma ekikyusa eddagala ey'amazzi ne lifuuka omukka |
| Endwadde z'amagumba | Osteopath | |
| Okuwutta/ Obwongo okusanguka | Dementia | Obulwadde bw'okwerabirarabira obutera okukwata abantu abakaddiye |
| Okubulwa otulo okw'olutentezi | Chronic insomnia | Obulwadde bw'okubulwa otulo |
| Kafuuwalususu | Melatonin | Kirungoekikendeeza ku maanyi ga Melanin (langi y'olususu) abeere wa kipimo mu mubiri. Ekirungo Melanin kikuuma omubiri ne gutafa musana, ne gusigaza langi yaagwo. Bwe kibula mu mubiri ye muntu okuba Nnamagoye. |
| Kakyusamubiri | Circadian rhythm | Engeri omubiri gye |

| | | |
|---|---|---|
| | | gukyukakyuka nga gugoberera entambula y'olunaku, oba misana oba kiro |
| Entunnunsi | Cardiac rhythm | Enkuba y'omutima |
| Kaboole | Plaque | Bucaafu bubeera mu mannyo. |
| Ekikeeto | Acid reflux | okukeetebwa okuva ku asidi okuva mu lubuto n'ajja waggulu mu mumiro |
| Kavunzamannyo | Cariogenics | Ebintu ebivunza amannyo. |
| Kakebejjamabeere | Mammography | Kifaananyi ekiraga ebbeere nga bwe lyakula, oba mulimu ekipya ekizzeemu. Omanya oba ddamu oba si ddamu. Okweyambisa amasannyalaze okukebera ebiri munda mu bbeere olabe oba ddamu oba liriko ekisobu. |
| Kisalamabeere/ Kirongoosabbeere | Mastectomies | Okulongoosa amabeere nga kulimu n'okugasalako. |
| Okwekebejja munda mu lubuto | Laparoscopic investigation | Okwekebejja ebiri munda mu lubuto nga weeyambisa akuuma akatangaaza munda akayitibwa Laparoscope nga basooka kusala akatuli katono ddala olwo ne beeyambisa akuuma kali okulaba ebiri mu lubuto. |
| Entabiro y'obusimu/ Omwaliiro gw'obusimu | Coronary plexus | Entabagana y'obusimu bw'omutima ne bukola entabiro y'obusimu. |
| Obulumi mu ssaabiro | Costoclavicular syndrome | Bulumi nga buva ku ssaabiro okunyiga obusimu obuliraanyewo |
| Enjoka ez'eddumi | Dysmenorrhea | Enjoka eziruma abakazi nga bali mu nsonga (nga balwadde omwezi). |
| Kalindamwana | Endometrium | Luno lususu mu nnabaana oluba nga awakabale awagimu omulokera eggi eriwase nga lisigiddwaamu. Bwe lutafuna ggi liwase, ng'omukazi agenda mu nsonga (okulwala omwezi) okufuna olususu olupya. |
| Kalindamwana omulwadde | Endometriosis | Olususu lwa nnabaana omugimu bwe lulwala ng'obulumi buno butera kuwulikika ng'omukazi ali mu mwezi. |

| | | |
|---|---|---|
| Akalaakiiro | Diphtheria | Ekifuba ekiraakiira |
| Okutuuma obulwadde erinnya | Diagnosis | Okutuuma obulwadde erinnya, lifunibwa ng'omaze okunoonyereza, okukebera n'ozuula obulwadde era n'obutuuma erinnya. |
| Ekiwato | Pelvis | Kirina amagumba abiri ageegatta ne gakola olubobbo olunene waggulu ate olufunda wansi mu ntobo omuyita omwana. |
| Ekizimba | Tumour | Kino kiba kizimba nga toyawudde wonna we kisangibwa. Tumour kiba kizimba we kisangibwa wonna. Ekizimba kiba kya ngeri bbiri(i) okuzimba nga waliwo ekikukubye, waliwo obulwadde obwa bulijjo, (ii) okuzimba nga waliwo Kookolo- kkansa |
| Ekizimba ku bwongo | Choroid plexus papilloma tumour | Kizimba ekibeera mu masaηηanzira agakolebwa obusimu oba emisuwa egiri ku bwongo. |
| Amasaηηanzira g'obusimu | Plexus | Gano masaηηanzira-sitenseni y'amasannyalaze mu mubiri, obusimu (waaya) we zikuηηaanira okubunyisa amasannyalaze mu mubiri. |
| Amambulugga | Mumps | Bulwadde obuzimbya amatama |
| Ebisenge by'amagezi | Hippocampus | Bisenge mu bwongo ebiterese obujjukizi, empulira n'obusimu bw'omuntu. |
| Obusimu bw'amasannyalaze | Neurons | Kataffaali mu bwongo akakola amasannyalaze, kakola nga jjenereeta (giyite kakolamasannyalaze). Gabeera ga maanyi ga voloti (Volts) 12 mu mubiri. |
| Akatoffaali k'obusimu | Neural cell | Eno mpeke eyeegatta n'empeke endala okukola obusimu bw'amasannyalaze. |
| Akasimu akasabike | Neural Fiber | Kasimu akalinga waaya etwala amasannyalaze nga nsabike n'ekisabika ekiyitibwa 'neural sheath'- amasannyalaze obutafuluma bweru. Ku |

| | | |
|---|---|---|
| | | nkomerero ya waaya eno eriyo neural plate erina empulirizo (sensor) eweereza amasannyalaze okukola omulimu mu kataffaali k'omubiri. |
| Ekisenge ky’obujjukizi | Dentate gyryus | Kisenge mu bwongo ekitereka ebintu ebipya osobole okubijjukira |
| Obutoffaali obuzimba ebisenge by’amagezi | Hippocampal neurons | Buno bwe butoffaali oba empeke ezizimba ebisenge ebitereka amagezi. |
| Enkula y’obusimu | Neurogenesis | Engeri obusimu gye bwezimba n’okukula |
| Abaserikale b’omubiri | Antibodies | Buno bwe butoffaali bw’omubiri obulwanyisa endwadde. |
| Akatoffaali nnakizaalizi | Neural precursor cells | Katoffaali ka busimu akeezaala (Kavaamu akatoffaali akalala akakafaanana) |
| Eddagala erigema okuzaala | Contraceptives | Eddagala n’ebintu ebikozesebwa okugema okuzaala. |
| Kawuuzi w’omubiri | Multiple sclerosis | Kawuuzi amera mu mubiri |
| Amabwa g’omu bulago | Tonsillitis | |
| Ssekattabuwuka | Antimicrobial | Eddagala ly’obutwa eritta obuwuka obusirikitu obutalabwa na maaso. |
| Kattabuwuka | Antibiotics | Eddagala eritta obulamu nga bwa buwuka. |
| Eddagala kagemakuzaala | Contraceptives | Eddagala erigaana okuzaala. |
| Obulwadde kasulikabwongo | Pediatric autoimmune neuropsychiatric disorders | Bulwadde mu baana obuleetera obwongo bwabwe okwewetera ku kintu ne bakiremerako. |
| Situleputokookasi | Streptococcus | Kika kya buwuka obuyitibwa |
| Yinfekisoni | Infection | Obuwuka bwe buyingira mu mubiri ne bugulwaza ne gulwalira. |
| Obulwadde bwa situleputokookasi | Streptococcal infection | Obulwadde obuva ku buwuka obuyitibwa Situleputokookasi. |
| Okuvunda kw’omubiri | Sepsis | Okuvunda kw’omubiri nga guvaamu amasira. |
| Kaleetandwadde | Pathogens | Obuwuka obuvaako endwadde. |
| Entambula y’endwadde | Pathogenesis | Obulwadde nga bwe butambula mu mubiri. |

| | | |
|---|---|---|
| Olukonvuba | Chronic disease | Endwadde etewona nga baweweezaako mpeweeze. |
| Ensulo nnamazzi | Lymphatic system | Ensulo z’amazzi mu mubiri n’obusuwa bwazo. Amazzi ago ge ganaaza omubiri munda. |
| Oluzzi lw’ensulo nnamazzi | Lymph node | Amazzi g’omubiri we gakuηηaanira. |
| Kanyonyoogerabusimu | Synesthesia | Okunyonyoogera ekitundu ekimu eky’omubiri obunyonyoogeze n’obuwulira ne mu kitundu ekirala ky’otonyonyoogedde. |
| Okusimbuliza | Transplant | Kwe kukuggyamu ekitundu ky’omubiri ky’obadde nakyo ne bakussaamu ekirala. Tusimbuliza ebitundu by'omubiri ebiwera omuli nnabaana, ensigo, omutima n’ebirala. |
| Okukussaamu nnabaana | Uterus transplants | Okulongoosa omuntu ne bamussaamu nnabaana |
| Amagi g’omukazi | Ovary | Magi ga mukazi agali awamu |
| Eggi ly’omukazi | Ovium | Eggi ly’omukazi nga liri limu. |
| Okuggyamu oba okusala ku nnabaana | Hysterectomy | Okulongoosa omuntu okumuggyamu nnabaana oba ekitundu ku nnabaana. |
| Obulwadde bw’akazoole | Psychosis- | Bulwadde obutabula obwongo omuntu n’afuna akazoole. |
| Omutima okwesiba | Cardiac arrest | Okwesiba kw'omutima ne gulekera awo okukuba. |
| Enfaanana | Physiognomy | Endibika y’omuntu mu maaso eraga embeera ze oba ensibuko ye. |
| Okusannyalala ekitundu ky’omubiri | Paraplegic | Okusannyalalako ekitundu ky'omubiri. |
| Okusannyalala oludda | Hemiplegia | Okusannyalalako oludda olumu olw'omubiri. |
| Kookolo (kkansa) w’omu musaayi | Leukemia | Kookolo (kkansa) w’omu musaayi |
| Kakyusabwongo | Neuroplastic change | Enkyukakyuka z’obwongo ezijja olw’enkyukakyuka ezijja mu |

| | | |
|---|---|---|
| | | bulamu bw'omuntu. |
| Obulumi obw'olutentezi | Chronic pain | Obulumi obw'olubeerera/ lutentezi |
| Kookolo w'omu mumiro | Oesophageal cancer | Ebbwa mu mumiro |
| Endwadde ekwata obutoffaali bw'empulirizo | Motor neuron disease | Endwadde y'obutoffaali bw'obwongo obutambuza omubiri. Waliwo obutoffaali obuwulira nga bakukutteko oba olumwa, waliwo obutoffaali obutambuza ebitundu by'omubiri; okugeza n'oggyawo omukono |
| Omubiri okwokebwa | Thermal injury | Obuvune obuva ku bintu ebyokya |
| Kawuuzi amera awali ettuulituuli | Cystic fibrosis | Kawuuzi amera mu kisawo ky'amazzi agaba gakuηηaanidde awantu. |
| Obulwadde bw'ensulo nnamazzi | Lymphoma | Bulwadde bwa nsulo z'amazzi mu mubiri n'obusuwa bwazo. |
| Okugwa emmeeme ey'emabega | Rectal prolapsed | Kugwa kwa kyenda eky'emabega. |
| Birihaaziya (onkosalukosisi | Bilharzia | Buno buwuka buyingira mu musaayi. |
| Vayiraasi | Virus | Obuwuka obusirikitu obulumba obutoffaali bw'omubiri ne bugulwaza. |
| Enzijanjaba eteri ya bulijjo | Allopathy | Enzijanjaba y'endwadde eyawukana ku eyo emanyiddwa. |
| Kawagamubiri enzaale | Phytoestrogens | Kawagamubiri ez'obutonde eziyamba okutereeza embeera z'ekikazi. |
| Kazibamawuggwe | Chronic Obstructive Pulmonary Disease (COPD) | Eno ndwadde eyonoona amawuggwe ne gazibikira nga tokyayinza kussa bulungi ng'eno oluusi eva ku buzaale, okulwala ennyo endwadde z'amawuggwe okufuuwa ssigala oba obungi bw'emikka emibi mu mpewo. |
| Amasavu agava mu bimera | Phytosterols | Amasavu g'ebimera agasengejja amasavu amabi ne gaziyiza omubiri okugakozesa. |
| Enzijanjaba ey'okuconcona | Acupuncture | Eno enzijanjaba ekozesebwa nga bakufumitafumita empiso ku mubiri ekozesebwa okuwonya obulumi n'endwadde |

| | | |
|---|---|---|
| | | ezimu ez’obwongo n’ebirowoozo. |
| Amakiro | Eclampsia | |
| Okwennyika kwa nnakawere | Postpartum depression | Ekiyongobero n’okwekubagiza ebijjira omukazi nga yaakazaala |
| Okwennyika kwa nnakawere | Postnatal depression | Ekiyongobero n’okwekubagiza ebijjira omukazi nga yaakazaala |
| Enkaka | Jaundice | Enkaka (Amaaso bwe gafuna langi eya kyenvu). |
| Akawompo k’oku nkoona | Posterior fontanelle | |
| Olububi olubisse obwongo n’enkizi | Epidural | Akasusu oba akabubi akabisse ku nkizi ne ku bwongo |
| Okulunguula kw’enkizi | Transverse myelitis | |
| Obulema obuzaale obw’amagumba | Osteogenesis Imperfecta | Bulema buzaale ng’amagumba gabeera manafu nnyo. |
| Omutwe omuteezi | Migraine | Omutwe ogulumira mu maaso n’okutujja naddala ng’otunudde mu kitangaala. |
| Otulo otw’ekiwamma | Insomnia | Omuntu nga teyeebaka ng’otulo tumubulira ddala |
| Obubwa oba obuzimba bw’embalabe | Cystic acne | Embalabe ezifuuse obuzimba oba obubwa. |
| Omusawo w’ensusu | Dermatologist | Ono ajjanjaba endwadde zonna ezikwatagana n’ensusu. |
| Eddagala eryagaza okwegatta mu by’omukwano | Aphrodisiac | Eddagala erireeta ekyoyo ekyagaza omuntu okwegatta okw’omu kisenge mu bakazi ne mu basajja |
| Kazaalamasavu | Triglycerides | Obutoffaali obukola amasavu. |
| Okulunguula kw’omubiri | Inflammation | Okulunguula kw’omubiri nga kuva ku kufuna kisago oba ku kulumbibwa obuwuka. |
| Ennaanu y’eηηaano | Gluten | Kino kirungo ekibeera mu hhaano, ekigireetera okunaanuuka. Kivaako abantu abamu okulwala. |
| Okufukaafuka | Polyuria | okufukaafuka buli kiseera kumukumu ate nga mangi nnyo (kitera kubaawo mu bulwadde bwa ssukaali) |
| Nkalamata etesalako | Polydipsia | Omuntu okuba nga buli kiseera aba alumwa ennyonta. |
| Okulya ennyo | Polyphagia | Kulya nnyo ekisusse (nga eyasimattuka Kkunsa). |
| Amasavu mu musaayi | Dyslipidemia | Endwadde ekwata endabirwamu |

| | | |
|---|---|---|
| | | y’amaaso n’evaako amaaso okuziba oba okujjako ekifu. |
| Okufa emmunye | Retinopathy | |
| Obulwadde bw’ensigo | Nephropathy | |
| Obulwadde obukwata emisuwa egy’oku bwongo | Cerebrovascular disease | Bulwadde bw'emisuwa egy'oku bwongo |
| Endwadde munda mu bisenge by’ebyenda | Celiac disease | Ndwadde ekwata lususu lwa byenda munda waabyo |
| Amasavu agasusse mu musaayi | Hyperlipidemia | Omusaayi bwe gujjula amasavu |
| Obutuuliro | Gluteal region | Ebitundu by’obutuuliro. |
| Eddagala erikubwa mu misuwa | Intravenous | |
| Olupiira katambuzamusaayi | Intravenous catheter | Olupiira oluteekebwa mu misuwa egitwala omusaayi mu mutima. |
| Ssukaali owa wansi | Hypoglycemia | Omusaayi nga teguliimu kirungo kya ssukaali kimala. |
| Ettulu ery’ekiseera | Transient Monocular Vision Loss | Okuzibako eriiso erimu okumala akaseera. |
| Kawuuzi w’emisuwa | Atherosclerosis | Kawuuzi w'emisuwa egitwala omusaayi okuva mu mutima |
| Omujjanjabi w’amaaso | Ophthalmologist | Omusawo omukugu mu ndwadde z’amaaso. |
| Ttumbiizi/ Kakenge | Bloating | Olubuto lujjula kacici. |
| Okuwutta/ Okusanguka obwongo | Alzheimer's | Endwadde y’okwerabiralabira ng’omuntu tajjukira n’ebintu bye yaakalaba oba okukola. |
| Obulwadde obukosa entambula/ emkola y’ebyenda | Irritable Bowel Syndrome (IBS) | Bulwadde obutawaanya entambula/ enkola y'ebyenda |
| Amakugunyu | Gluteus | Nnyama ya butuuliro oba amanyuma. |
| Ppata okuta/ Okuyitira | Incontinence | Obutasiba ppata ( Ebitundu ebifulumya omusulo n’obubi okunafuwa nga bino biyitamu buyis tokyasobola kubifuga). |
| Amagumba okwerya oba okukakanyala | Osteoporosis | Endwadde y’amagumba egaleetera okwerya n’okukakanyala. |
| Okulunguula kw’ekimiro/ Amamiro | Bronchitis | |
| Ebizimba ebirimu kkansa/ kookolo | Malignant tumours | Ebizimba ebitawona, ebirimu kookolo (Kkansa). |

| | | |
|---|---|---|
| Emiziga/ Emisuwa egizimbye | Varicose veins | Emisuwa egyepise, egizimbye ng'ogiraba ku lususu kungulu. |
| Endwadde ezitulira | Contagious diseases | Endwadde ezikwata. |
| Kookolo w'obusajja | Penile cancer | Ebbwa eritawona erikwata ebitundu by'obusajja. |
| Ensiriba z'obusimu | Neurofibromatosis (NF) | Obulwadde obuleeta ensiriba z'obusimu ( ne bufaanana nga Kattabuteme). |
| Okutya okusukkiridde | Phobia | Omuntu okuba ng'alina okutya okusukkiridde eri ekintu, okugeza okutya enzikiza, okutya okutambulira ku mazzi, n'ebirala. |
| Obuyinja mu nsigo | Kidney stones | Obukulungwa obulinga obuyinja obwekola mu nsigo. |
| Ebituulituuli ku nsigo | Cysts Polycystic Kidney Disease (PKD) | Obuzimba obulinga ebituulituuli obukwata ensigo. |
| Okufa ensigo | Renal failure | Ensigo bwe ziremwa bwe zirema okusengejja obucaafu/ okukola omusulo, obucaafu ne bwetuuma mu mubiri. |
| Okussa ng'omukka obaka mubake | Apnoea | okufuna obuzibu mu kussa nga tossa bulungi. |
| Kuzza kkubo lya mmere mu kabuto akato | Gastric bypass | Kuno kulongoosa okukolebwa ekkubo ly'emmere ne likyusibwa okuva mu lubuto mw'ebadde egenda n'ezzibwa mu kabuto akatono akaba kassiddwaawo, olwo ebitundu by'olubuto ebirala ne biggyibwamu. |
| Makebe/ Kibondo | Gland | Kibondo ekizaala ebirungo mu mubiri. |
| Ensanjabavu y'oku bwongo | Pituitary gland | |
| Ekibondo  kaliisamusaayi | Endocrine glands | Makebe/Kibondo ekiyingiza ebirungo mu musaayi obutereevu. |
| Ekibondo kaliisamubiri | Exocrine glands | Ekibondo ky'ebirungo ebisooka okuyingira mu mubiri nga tebitandikira mu musaayi. |
| Ekizimba mu nsanjabavu y'oku bwongo | Craniopharyngioma- | |

| | | |
|---|---|---|
| Okukalirira ekitundu ekirwadde ng'ogenderera okukiwonya | Proton beam therapy | Eno nzijanjaba ekozesa amasannyalaze okukalirira akatundu akatono awali obulwadde naddala obwa kkansa. Amasannyalaze gakoma ku katundu ako kokka ke baba bajjanjaba. |
| Buweke bw'obutoffaali | Protons | Bukerenda obukola obutoffaali. |
| Omulongoosa/ Omusawo alongoosa | Surgeon | Ono mukugu dokita eyakuguka mu by'okulongoosa. |
| Essomo ly'obusobozi bw'abantu | Ergonomics | Essomo eripima obusobozi bw'abantu okusinziira ku mbeera ze bakoleramu. |
| Amakebe/ Ekibondo ky'entuuyo | Sweat glands (Apocrine glands) | Amakebe/ebibondoebizaala entuuyo. |
| Okufukumuka entuuyo | Hyperhidrosis | Okutuuyana okususse. Kuyinza okuba mu kitundu ekimu eky'omubiri oba omubiri gwonna. |
| Omukugu mu kujjanjaba ensusu | Dermatologist | Omusawo ajjanjaba endwadde z'olususu. |
| Sswiici efuga omubiri | Hypothalamus | Sswiici efuga enkola y'omubiri naddala ey'enkola y'obusimu, ebbugumu mu mubiri, efuga obwetaavu bw'amazzi n'emmere mu mubiri ekivaako ennyonta oba enjala okukuluma, embeera zo obwetaavu bw'okwebaka n'ebirala. |
| kazaalalutuuyotuuyo | Eccrine glands | Buno bwe busanjabavu obutono obufulumya olutuuyo olujja ng'ebbugumu luyitiridde. Businga kuba mu bibatu, mu bigere ne mu kyenyi. |
| Ennywanto | Nipples | Obufundikwa bw'amabeere |
| Enkwawa | Armpits | Ekitundu ekiri wansi w'omukono we gwegattira ku mubiri. |
| Embalakaso (Embaasuulo) | Genitals | Ebitundu by'ekyama. |
| Enso | Patella | Akagumba akalinga olubengo, akagatta eggumba ly'ekisambi ku ggumba ly'entumbwe.<br><br>Ekinnya oba ekituli ekibaeera |

| | | |
|---|---|---|
| | | mu nnyingo amagumba mwe gazannyira. |
| Obuwuka obubeera mu mubiri obugulwaza | Staphylococcus hominis | Buwuka buyitibwa Staphylococcus bubeera ku mubiri gwa bantu busobola okulwaza omuntu. |
| Olusu. | Malodorous by-products | |
| Kattantuuyo | Antiperspirants | Ebintu ebissibwa ku lususu okuluziyiza okutuuyana. |
| Okuwunya kw’omubiri okw’engeri zonna | Odour | |
| Okuwunya olutuuyotuuyo | Malodorous sweat | Okuwunya akagwigiri nga kava mu ntuuyo. |
| Kakubisamutima | Pacemaker | Akuuma akassibwa mu mutima okuguyambako okukuba. |
| Endwadde y’obusimu obutambuza omubiri | Motor neuron disease | Endwadde y'obusimu obutambuza omubiri ( kimanye nti waliwo obusimu obuwuliza omubiri, waliwo n'obusimu bw'obulumi) |
| Endwadde esannyalaza omubiri | Amyotrophic lateral sclerosis (ALS) | Endwadde ekwata obusimu, n’evaako okusannyalala kw’omubiri. |
| Omubiri okusika amasannyalaze | Electrosensitivity | Omubiri okuba nga guwulira amasannyalaze era ne gugakozesa . |
| Okusinduukirirwa emmeeme | Nausea | Okuwulira nga ayagala okutanaka (Okusesema) |
| Mulalama | Meningitis | Kulunguula kwa lususu olubikka ku bwongo/nkizi. Okucankalanakw'obusimu amasannyalaze ne gawaba ekireeta mulalama. |
| Mulalama ava ku buwuka bwa kuliputokoko | Cryptococcal meningitis | Obuwuka obuyitibwa Cryptococcus nga bulungudde akabubi akabikka ku bwongo. |
| Akafuba | Tuberculosis | |
| Olufuba (Asima) | Asthma | |
| Kaloboozi | Voice synthesizer | Kano kagatta ne kakola eddoboozi. |
| Abakugu mu ndwadde z’ebigere | Podiatrists | Basawo abajjanjaba endwadde z’ebigere. |
| Okussa ku mulwadde amazzi oba omusaayi | Transfusion | Kupika mazzi oba omusaayi mu oyo agwetaaga |

| | | |
|---|---|---|
| Ssukaali okukka ennyo | Hypoglycemia | Okukka kwa ssukaali mu mubiri kuno kuttirawo omuntu tekulinda. |
| Ssukaali okulinnya ennyo | - Hyperglycemia | Kulinnya kwa ssukaali mu musaayi. |
| Okuyulika kw'ekibebenu ky'evviivi | Meniscus tears | Kuyulika kw'ekibebenu ky'evviivi. |
| Okulunguula ebinywa | Tendinitis | Kulunguula kwa binywa |
| Ggaamu w'omubiri | Collagen | |
| Okufa kw'ekitundu ku mubiri | Necrosis- | Kwe kufaako ekitundu, obutoffaali obumu obw'ekitundu bwe bufa olw'obuvune, endwadde oba okuba ng'omusaayi tegukyatuuka mu kitundu ekyo. |
| Kattabuwuka | Antiseptic | Eddagala eritta obuwuka |
| Ebituulituuli | Blisters | Omubiri bwe guzimba ne guleeta amazzi |
| Mugaba | Stria gravidarum | |
| Okulunguula kw'olususu | Cellulitis | |
| Eddagala erijjanjaba okulunguula kw'olususu | Anti-cellulitis | Eddagala erikendeeza obuzimbu bw'olususu |
| Okuweekeera | Stridor | Eddoboozi erikolebwa ng'ossa eriva mu kuzibikira kw'emikutu gy'empewo nga waliwo ekigyekiiseemu. |
| Okulunguula kw'akasaanikira k'ekimiro/ k'amamiro | Epiglottitis | Okulunguula kw'akawujjo akabikka ku kimiro (ekimiro kitwala mpewo, omumiro gutwala mmere). |
| Homoni z'ekisajja | Testosterone | |
| Kakozzalukizi | Spinal Muscular Atrophy (SMA) | Okukogga kw'emiziisa gy'omugongo. |
| Kattabulumi | Analgesic | Eddagala eritta obulumi. |
| Obujjanjabi | Therapy | |
| Amasira mu musaayi | Septicemia | |
| Okuzimba omutima | Ventricular hypertrophy (LVH) | Okuggejjulukuka kw'ebisenge by'obubunda bw'omutima |
| Ekitundu ky'omutima ekya kkono okuzimba | Left ventricular mass | Obuzimbu bw'ekisenge ky'akabunda k'omutima aka kkono. |
| Omukugu mu ndwadde z'omu lubuto | Gastroenterologist | Omusawo ajjanjaba endwadde z'olubuto n'ebyenda |
| Abalwadde abatali ba bitanda | Outpatients | Abalwadde abajjanjabwa nga bawa waka. Kikozesebwa ne ku |

| | | |
|---|---|---|
| | | kifo we bakolera ku balwadde bano abatali ku bitanda. |
| Abalwadde abali ku bitanda | Inpatients | Bano bwe balwadde abajjanjabwa  nga bali ku bitanda era kikozesebwa ne ku kifo we bakolera ku balwadde abali ku bitanda. |
| Kalabamunda | ENDOSCOPY | Eyuma ekikozesebwa okwekebejja munda mu mubiri |
| Endagabutonde | DNA (DEOXYRIBONUCLEIC ACID) | Obutoffaali obwekusifu obulaga obuzaale bw'omuntu. |
| Kaanikanda | Radiology | Ssaayansi w'amaanyi g'amasannyalaze agatangaaza n'okulaga ebiri munda mu mubiri. |
| Kompyuta kaanikanda<br><br>(Kativvi) | CT Scan (Computerised Tomography Scan) | Kompyuta etangaaza n'okukuba ebifaananyi by'ebitundu munda mu mubiri |
| Kakebejjanda | Ultrasound | Ekyuma ekitangaaza n'okwekebejja omwana ali mu lubuto. |
| Essomo ly'endwadde z'omutima | Cardiology | |
| Kalondoozi w'amasannyalaze g'omutima | Electrocardiography | Okulondoola amasannyalaze agava ku mutima gw'omuntu okumala ekiseera |
| Likodi y'amasannyalaze g'omutima | Electrocardiogram | Likodi eraga amasannyalaze agava ku mutima gw'omuntu agalondoddwa okumala ekiseera. |
| Katangaazamutima | Echocardiography | Okutangaaza n'okwekebejja enkola y'omutima nga weeyambisa amayengo g'amasannyalaze. |
| Kakebejjamutima | Holter Monitoring | Akuuma akapima n'okulaga enkola y'omutima |
| Kakebejjamisuwa | CT Angiogragraphy (Computerised Tomography Angiography | Enkola ekozesa kompyuta okutangaaza n'okwekebejja munda mu misuwa n'obusuwa bw'omubiri. |
| Okukuba ebifaananyi munda mu mubiri | Multi Slice | |
| Okulongoosa omusaayi oguli mu mubiri | Dialysis | Okulongoosa omusaayi nga weeyambisa ebyuma |

| | | |
|---|---|---|
| ng'okozesa ebyuma | | oluvannyuma lw'ensigo okulwala oba nga tezikyakola bulungi. |
| Kafusabyuma | CRRT (Continuous Renal Replacement Therapy) | Okweyambisa ebyuma okuggya omusulo mu mubiri oluvannyuma lw'ensigo okulwala nga tezikyakola bulungi. |
| Okwekebejja omukka oguli mu musaayi | ABG (Arterial Blood Gas) | Enkola ey'okwekebejja omukka oguli mu musaayi oguyita mu misuwa eminene. |
| Omubiri okwejjanjaba | Physiotherapy | Enzijanjaba etekozesa ddagala wadde okulongoosa |
| Emmere ddagala | Dietetics | Essomo ly'ebyokulya ebijjanjaba endwadde |
| Ebyendiisa | Nutrition | Ebinnyonnyola endya ennungi ekuuma omubiri nga mulamu |
| Awajjanjabirwa abayi | Intensive Care | Ekifo eky'enjawulo n'enzijanjaba ey'enjawulo eweebwa abalwadde abayi. |
| Okulongoosa | General surgery | Okulongoosa okwa bulijjo |
| Okulongoosa omuntu nga tomusaze | Minimally invasive surgery | Okulongoosa okw'ekikugu okutaliimu kusala mubiri. |
| Endabirira y'omukazi ng'azaala | Obstetrics | Okuzaalisa, okulongoosa n'okujjanjaba omukazi azaala. |
| Enzijanjaba y'obukazi | Gynaecology | Enzijanjaba eweebwa abakazi naddala mu bitundu byabwe ebizaala |
| Ennongoosa ey'akatuli | Laparascopic gynaecology | Eno nnongoosa ya kikugu nga tesala lubaale wabula nga basala akatuli katono ku mubiri omukugu w'asinziira n'alongoosa ebitundu munda mu mubiri. |
| Okujjanjaba abaana | Paediatrics | Okujjanjaba endwadde z'abaana. Kikozesebwa ne ku basawo abakugu mu ndwadde z'abaana. |
| Enzijanjaba y'abaana | Paediatric care | Enzijanjaba y'abaana |
| Okujjanjaba abawere | Neonatology | Enzijanjaba y'abaana abawere, abaakazaalibwa. |
| Okuyunga n'okujjanjaba amagumba | Orthopaedics | Okulongoosa amagumba, ebinywa n'obulema obutali bumu |
| Kakebejjannyingo | Arthroscope | Ekyuma ekyeyambisibwa |

| | | |
|---|---|---|
| | | okukebera munda mu nnyingo okuzuula ekikyamu n’okuzijjanjaba. |
| Okulongoosa ennyingo ng’okozesa kakebejjannyingo | Arthroscopic surgery | Okulongoosa ennyingo awatali kusala, wabula ng’okozesa kakebejjannyingo |
| Okulongoosa obusimu | Neurosurgery | Okulongoosa obusimu naddala mu biwanga n’enkizi. |
| Okujjanjaba ebizimba | Medical oncology | Enzijanjaba ekolebwa ku bizimba. |
| Omukugu mu kujjanjaba ebizimba | Oncologist | Ono ye musawo omukugu mu kujjanjaba ebizimba. |
| Kawagamubiri | Hormones | Birungo. |
| Enzijanjaba y’ebitundu ebifuka | Urology | Enzijanjaba y’ebitundu ebitambuza omusulo (enkali) okugufulumya mu mubiri. |
| Okujjanjaba emitima | Cardiology | Enzijanjaba y’endwadde z’emitima. |
| Endabirira y’abayi | Critical care | Endabirira n’ennondoola y’abalwadde abayi mu malwaliro. |
| Endabirira y’abawere | Neonatal Care | Byonna ebikwata ku kulabirira n’okujjanjaba abawere |
| Amatu, ennyindo n’emimiro | ENT | Enzijanjaba y’endwadde z’amatu, ennyindo n’emimiro |
| Okulongoosa mu matu, ennyindo n’emimiro | Endoscopic ENT Surgery | Okulongoosa okw’ekikugu okukolebwa ku bitundu mu matu, ennyindo n’emimiro nga weeyambisa ekyuma kalabamunda |
| Kakyusandabika | Plastic surgery | Okulongoosa omuntu n’ekigendererwa eky’okukyusa endabika ye. |
| Okutereeza n’okuzzaawo endabika y’ekitundu ku mubiri | Reconstructive surgery | Okulongoosa okutereeza n’okuzzaawo ekitundu ekiba kyonoonese (okugeza oluvannyuma lw’okufuna akabenje). |
| Ennongoosa y’ebitundu ku mutwe n’akamwa | Oral and Maxillo facial surgery | Ennongoosa ey’enjawulo ekolebwa okujjanjaba endwadde n’okutereeza ebitundu mu maaso, mu kamwa, omutwe, ensingo n’emba. |
| Enzijanjaba y’ebitundu | Pulmonology | Enzijanjaba y’endwadde |

| | | |
|---|---|---|
| ebikola ku kussa | | z'amawuggwe n'ekkubo ly'empewo essibwa. |
| Enzijanjaba y'olubuto n'ebyenda | Gastroenterology | Obujjanjabi obukolebwa ku ndwadde mu lubuto ne mu byenda. |
| Enzijanjaba y'ekibumba, akalulwe n'akataago | Hepatology | Endabirira n'enzijanjaba y'endwadde ezikwata ekibumba, akalulwe n'akataago |
| Ekibumba | Liver | Kino kasengejja obucaafu mu musaayi |
| Akalulwe | Gallbladder | Kano ke katereka oluzzizzi olukaawa oluyamba okumenyaamenya emmere. |
| Akataago | Pancreas | Kano nako kayamba mu kumenyaamenya emmere n'okulaba nti omubiri guba ne ssukaali agumala |
| Enzijanjaba eteri ya kulongoosa | Internal medicine | Enzijanjaba erimu okuziyiza, okuzuula n'okujjanjaba endwadde ezikwata ebitundu munda mu mubiri awatali kubirongoosa. |
| Obujjanjabi obuweebwa ab'omu maka | Family medicine | Obujjanjabi obusookerwako obuweebwa awaka. |
| Obukugu bw'okujjanjabisa amayengo g'amasannyalaze | Radiology | Ssaayansi w'ekikugu akozesa amayengo g'amasannyalaze (X-Ray) n'amayengo amalala okuzuula n'okujjanjaba endwadde |
| Obukugu bw'okujjanjaba endwadde z'obwongo | Clinical Psychology | Ssaayansi w'endowooza z'abantu eyeekenneenya okuzuula n'okujjanjaba endwadde z'obwongo wamu n'obulema bw'obwongo. |
| Enzijanjaba z'omunÿo | Practology | Enzijanjaba y'endwadde z'ekyenda eky'emabega n'ebitundu ebiyitamu obubi (ppupu oba bbi). |
| Okulongoosa emisuwa n'amasannyalaze | Venous Laser Surgery | Okulongoosa emisuwa ng'okozesa amasannyalaze (awatali kusala). |
| Okulongoosa amagumba g'enkizi/ olugongo | Percutaneous Laser Disc | Okulongoosa n'okutereeza amagumba ageetoolodde enkizi ng'oyita mu kaseke. |
| Enzijanjaba y'amaaso | Ophthalmology | Okunoonyereza n'okujjanjaba |

| | | |
|---|---|---|
| | | endwadde n'obulemu ku maaso. |
| Ekkeberero ly'emitima | Cath Lab (Catheterisation Laboratory | Eno gye bankeberera emitima okuzuula obulwadde ne bagikuba ebifaananyi ebiraga ekisobu kijjanjabwe. |
| Kakebejjansigo | Nephrology | Eno nzijanjaba eyeekebejja ekikula ky'ensigo z'omuntu n'okuzuula endwadde ezizirimu. |
| Abaana abakolere mu bucupa/ Okuwakisa mu bucupa | IVF (In Vitro Fertilisation | Eno y'enkola eddira eggi ly'omukazi n'erigatta n'eryomusajja mu kacupa mwe lyetonderamu omwana olwo ne liryoka lissibwa mu nnabaana w'omukazi n'akuza olubuto |
| Kasalabbuto/ kuwaata/ kubembula masavu | Bariatric Surgery | Eno y'ennongoosa ekolebwa ku lubuto n'ebyenda ng'ekigendererwa kwe kusala ku mugejjo. |
| Ssweeta ey'omulembe | Modular Operation Theatre | Ssweeta eri ku mutindo erimu byonna ebyetaagisa nga bya mulembe. |
| Ebyamannyo | Dental | Byonna ebikwatagana ku mannyo. |
| Ebitanda okuzaalirwa/ Olunnyo lw'omu ssanya | LDR Suits (Labor, delivery, recovery Suits | Ebitanda by'abakazi abazaala kwe bazaalira ne bannakawere we bajjanjabirwa. |
| Enzijanjaba ezuukusa ebitundu by'omubiri/ obusimu | OT (Occupational Therapy) | Enzijanjaba eweebwa omuntu ajjanjabwa obulemu ku mubiri oba endwadde z'obwongo ng'emuyigiriza okuddamu okukola okukola ebintu bya bulijjo, nga okuddamu okutambula, okukwata n'ebirala. |
| Lukebera | Pathology | Ssaayansi w'okukebera ebintu ebitali bimu mu laabu ng'onoonya okuzuula obulwadde n'engeri gye bukosezzaamu omubiri. |
| Okusannyalala/ Situlooko | Stroke | Okusannyalala omubiri gwonna ob ekitundu ng'obusimu tebukyakola bulungi oba nga bufudde. |
| Akasaayi kitukutwe/ Akasaayi | Thrombosis | Akatole k'omusaayi nga katambula mu musaayi ne |

| | | |
|---|---|---|
| akeetukutukidde mu musuwa/Akatole k'omusaayi mu musuwa/ Akasaayi sirombooso | | kazibikira omusuwa. |
| Okusannyalaza | Anaesthesia | Okusannyalaza omuntu naddala nga bagenda okumulongoosa, aleme okuwulira obulumi. |
| Okusannyalazaako ekitundu | Epidural (regional anaesthesia) | Kusannyalazaako ekitundu ku mubiri nga bayita mu kasusu akabikka ku nkizi. |
| Omukazi eyalongoosebwamuko omwana okuzaala omulala nga talongooseddwa | VBAC (Vaginal Birth After Caesarean) | Ye mukazi okuzaala obulungi nga talongooseddwa kyokka ng'omwana gw'azzaako ye baamumulongoosaamu balongoosa. |
| Ssaayansi w'endwadde z'ensigo | Nephrology | Ssaayansi w'endwadde z'ensigo na byonna ebizikwatako. |
| Okulongoosa omusaayi oguli mu mubiri n'ebyuma | Haemodialysis | Okulongoosa omusaayi mu mubiri nga bagusengejja n'ebyuma nga ensigo bwe zikola. |
| Okulongoosa omusaayi n'akabubi k'omu lubuto | Continuous Ambulatory Peritoneal Dialysis (CAPD) | Okulongoosa omusaayi nga weeyambisa akabubi akali munda mu lubuto, okukenenula obucaafu nga kino kikolebwa ku nsigo nga ndwadde nnyo. |
| Olulibaliba | Peritoneum | Akabubi munda mu lubuto akabisse ku bitundu by'omu lubuto |
| Obutwa mu mubiri | Toxins | Obutwa oba obusagwa obuva ku kimera oba ekisolo ne bukosa omubiri gwo. |
| Okusimbuliza ekitundu ky'omubiri | Transplantation | Okulongoosa nga kigendereddwaamu okukyusa ekitundu mu mubiri ne bassaamu ekirala. |
| Okusimbuliza omutima | Heart transplant | Okusimbuliza n;okukyusa omutima ne bassaamu omulala. |
| Okusimbuliza ensigo | Kidney transplant | Okusimbuliza n'okukyusa ensigo ne bakussaamu endala. |
| Okumenyaamenya emmere | Metabolism | Enkola y'omubiri nga gukola ku mmere gusobole okugikozesa era ne gugikozesa. |
| Ebiriisa kazimbamubiri | Proteins | Bino by'ebiriisa ebizimba omubiiri |

| | | |
|---|---|---|
| Ebiriisa kawamaanyi | Carbohydrates | Bno bye biriisa ebiwa omubiri amaanyi. |
| Katuggululabinywa | Creatine | Kino kirungo omubiri kye gukola ne kiyamba okuguwa amaanyi agasobozesa ebinywa okwetuggulula ng'omubiri gukikola mu kugaaya, okukamala n'okukenenula ebiriisa kazimbamubiri |
| Ebisigala bya kataggululabinywa | Creatinine | Bino by'ebisigala ng'omubiri gumaze okukola ekirungo kataggululabinywa ng'ebisigala bino bifulumira mu musulo (nkali). |
| Ebipimo by'entujja y'omutima ogukuba ennyo | Systolic blood pressure readings | Emiwendo egiraga ebipimo by'amaanyi g'entujja y'omutima we gukubira ennyo ng'omusaayi guva mu mutima okugenda mu misuwa. |
| Ebipimo by'entujja y'omutima oguwummudde | Diastolic blood pressure readings | Ebipimo by'entujja y'omutima ebya wansi ng'omutima guwummudde. |
| Entujja y'omutima esinga okuba waggulu | Systolic pressure | Puleesa esinga okuba waggulu epimibwa ku ntko y'okutujja ng'omutima gukuba nnyo |
| Entujja y'omutima esinga okuba wansi | Diastolic pressure | Puleesa esinga okuba wansi, epimibwa ng'omutima guwummudde. |
| Katanywaddagala | Naturopathy | Ssaayansi w'enzijanjaba y'endwadde etekozesa ddagala ng'ekozesa bintu nga emmere, dduyiro. Okuweeweeta n'okusiimuula. |
| Kaanikandwadde | Homeopathy | Eno nzijanjaba ekozesa ebintu eby'obutonde by'owa omubiri ne gulaga endwadde egutawaanya (okugeza okusiiga omwana amasavu g'endiga, bw'aba n'olukusense ne lweraga). |
| Obusibage/ Kalwanyisandwadde/ engabo y'endwadde | Immune system | Buno bwe busibage bw'omubiri gwo obugusobozesa okulwanyisa endwaddeokuziziyiza okuyingira omubiri, okugeza bw'oba ogemeddwa. |
| Kattabusibage | HIV ( Human | Kano kawuka (vayiraasi) |

| | | |
|---|---|---|
| | Immunodeficiency Virus) | akanafuya omubiri nga tegukyasobola kulwanyisa na kuziyiza bulwadde bwonna obugulumba. |
| Kattabulumi | Endorphins | Kawagamubiri ezisindikibwa okuva mu bwongo ne ziziyiza omubiri okuwulira obulumi |
| Eddagala kasirisabulumi | Analgesic | Eddagala eriziyiza omubiri okuwulira obulumi |
| Obutalumwa | Analgesia | Okuba nga tokyawulira bulumi. |
| Amaaso okuyimbaala olwa kompyuta | Computer Vision syndrome | Bwe buzibu ku maaso obujja olw’okumala ebbanga eddene ng’otunuulidde kompyuta. |
| Eddookooli | Thyroid gland | |
| Endwadde y’eddookooli/ Kazimbyaddookooli | Goitre | Obulwadde obukwata Eddookooli ne lizimba. |
| Endagabujjanjabi | Prescription | Ekiwandiiko ky’omusawo ekikkiriza n’okulaga eddagala n’ebipimo omulwadde by’alina okukozesa ku bulwadde bwe. |
| Ayodiini w’eddookooli | Radioiodine | Ayodiini ow’enjawulo eyeeyambisibwa okujjanjaba eddookooli |
| Kkansa omusirikitu/ kookolo omusirikitu | Microcarcinomas | Obubwa obutawona obusirikitu |
| Kkansa / Kookolo omunene | Macrocarcinomas | Amabwa agatawona nga gasajjuse |
| Yinsuliini | Insulin | Mucuuzicuuzi oguva mu nnuuni ogufuga obungi bwa ssukaali mu mubiri. |
| Kizuuzi w’endwadde | Biopsy | Kukebera kulaba obulwadde bwe butambula, n'okumanya erinnya ly'obulwadde. Ssaayansi w’okwekebejja obunyama obusaliddwa ku mubiri gw’omuntu, okuzuula bulwadde kin a wa we butuuse. |
| Kawagamubiri w’eddookooli | Levothyroxine | Kawagamubiri akolebwa Eddookooli okulijjanjaba nga lizimbya n’okujjanjaba obuzibu obulala obuva ku ddookooli okuzimba. |
| Nnamusuna | German measles | |
| Kawaali | Small pox | |
| Olukusense/ Omulangira | Measles | |
| Amakebe/ Ekibondo | Sebaceous glands | Bino bibondo ebizaala ‘ sebum’ |

| | | |
|---|---|---|
| kanyirizalususu | | omuzigo ogugonza omubiri. |
| Kyenvu w'eggi/ | Retinol | Langi eya kyenvu ebeera mu nva endiirwa, mu njuba y'eggi ne mu masavu g'ebyennyanja eyamba eriiso okulaba mu kibululu n'omubiri okukula. |
| Ebiriisa bya vitamiini A | Retinoid | Ebiriisa byonna ebikola nga vitamiini A |
| Okwokebwa abalongo | VITILIGO | Ebitundu by'omubiri ebikyusa langi ne byeruka Abaganda kye bayita okwokebwa abalongo. |
| Okwokebwa abalongo | Leucoderma | Kino kye kimu ne VITILIGO |
| Kookolo w'olususu | Carcinoma | Kookolo akwata kungulu ku lususu n'olususu lw'ebitundu eby'omunda. |
| Endwadde y'ebipaapi | Eczema | Ndwadde ya mubiri ne guyiwa ebipaapi ebimyukirira |
| Kabootongo | Syphillis | Ndwadde ya kikaba |
| Katabuladdagala/ Omutabuzi w'eddagala | Chemist | Omukugu atabula eddagala |
| Mukugu mu nkozesa y'eddagala | Pharmacist | Ono mukugu mu nkozesa y'eddagala |
| Kagabaddagala | Dispenser | Ono y'agabira abalwadde eddagala mu malwaliro |
| Puleesa eya waggulu | Hypertension | Puleesa (y'omusaayi) ng'eri waggulu nnyo |
| Amaaso okuyimbaala | AMD (Age related macular degeneration) | Amaaso okuyimbaala nga tegalaba bulungi, nga galiko ekifu nga kiva ku myaka. |
| Omukozi wa gaalubindi/ Kakolagaalubindi | Optician | Omuntu eyakuguka mu kukola gaalubindi era akkirizibwa okuzigaba. |
| Firimu y'eriiso | Retina | Eno ye firimu y'erriso okugenda ebifaananyi by'ebintu omuntu by'alaba. |
| Endabirabi/ Endabiso y'amaaso | Macula | Kye kifo ku firimu y'eriiso awasinga okulaba era ebifaananyi byonna we bikwatibwa. |
| Akayuuya | Sickle | |
| Endwadde y'akayuuya (siikoseero) | Endwadde y'akayuuya | Omusaayi ogw'akayuuya gubaamu obutoffaali ng'empewo bw'ekendeera nga bweweta ne bufufunyala okufaananako akayuuya mu kifo |

| | | |
|---|---|---|
| | | ky'okuzimbulukuka busobole okufuna empewo ennyingi okusinga ku ya bulijjo. Omuntu azaalibwa nabow nga buva ku bazadde, butambulira mu musaayi. (Okubuyita nnalubiri abalwadde baabwo baakiwakanya nga bagamba nti kigambo ekiboola n'kubassaako ekivume (stigma). |
| Omuyuuya | Sickler | Omuntu alina omusaayi gw'akayuuya. |
| Olubuto okwesiba | Constipation | Omuntu okuba nga tafuluma bulungi. |
| Okupiripiisa | Enema | Kwe kukozesa ebintu nga ssabbuuni ebiyamba omuntu okufuluma ng'olubuto lubadde lwesibye oba okugoberera endya n'ennywa egonza olubuto olubadde lwesibye n'osobola okufuluma oulungi. |
| Obulemu obuzaale | Congenital | Obulemu bwe wazaalibwa nabwo. |
| Ebizimba ebirimu kawuuzi | Multiple Sclerosis | Buba buzimbu wonna mu mubiri nga bumezeemu kawuuzi mungi nnyo. |
| Obucuuzicuuzi bw'omubiri | Prostaglandins | Bucuuzicuuzi obukolebwa mu mubiri nga bukola mu mubiri gwonna nga bulina emigaso egy'enjawulo. |
| Nnabaana | Uterus | Ekitamu ekitereka ne kikuliramu omwana ali mu lubuto. |
| Nnabaana okugwa | Uterine prolapsed | Nnabaana okufuluma. |
| Ebisa | Uterine contractions | Obulumi omukazi azaala bw'afuna ng'omwana anoonya ekkubo erimufulumya. |
| Nnakayaga | THC (Tetrahydrocannabinol | Ebiragala ebiri mu njaga |
| Kawunzabwongo | Psychotropic | Ebiragala ebikosa enkola y'obwongo. |
| Puleesa eya wansi | Hypotension | Eno puleesa eba eri wansi nnyo. |
| Katuggamisuwa | Serotonin | |
| Katambuzabusimu | Neurotransmitter | |
| Katababusimu | Synapse | Entabiro egatta obusimu |

| | | |
|---|---|---|
| | | obubiri. |
| Eddagala masanyu | Selective serotonin reuptake inhibitors | Eddagala eryongera obungi bwa katuggabusimu mu kitundu ekya katababusimu ekivaako embeera z'omuntu okukyuka n'afuna essanyu. |
| Ensaasaanya y'endwadde | Epidemiology | Omo ssaayansi w'entambula y'endwadde, engeri gye zikwata n'okusaasaana n'engeri y'okuziziyiza. |
| Ebinnyonnyola endwadde z'omu musaayi | Genomics | Ssaayansi w'endwadde eyeesigama ku ndagabutonde okunnyonnyola obulwadde naddala ku ndwadde ezigoba omusaayi. |
| Ssaayansi w'enkula y'omutima | Cardiovascular genomics | Ssaayansi eyeekenneenya ekikula ky'omutima n'emisuwa nga bwe byatondebwa mu bisolo byonna. |
| Enkola y'obusimu | Neurochemistry | Ssaayansi w'obusimu nengei gye bakolamu. |
| Okulwala obuko | Parkinson's disease | Endwadde y'okukankana oba ey'obuko. |
| Kawagabusimu | Dopamine | Eddagala eriwaga obusimu okutambuza obubaka okuva ku kasimu akamu okudda ku kalala. |
| Kakerenda akazaale (Kakerenda kaava ku lubaya | Gene | Kakerenda akagoberera obuzaale. |
| Kootakoota | Scoliosis | Okwefunya kw'amagumba g'omugongo olw'obukadde oba olw'obulwadde oli n'akootakoota. |
| Amakiro | Eclampsia | Ndwadde ekwata omukazi eyaakazaala n'afuna akalogojjo n'ayagala n'okulya omwana we. |
| Kattabwongo | Huntington's Disease (HD) | Obulwadde obutta obutoffaali bw'obwongo. Buba buzaale. |
| Kakyusabutonde | Mutation | Enkyukakyuka mu butonde bw'ekintu |
| Kawuuzi mu kibumba | Cirrhosis | Ndwadde ya kibumba ne kimeramu kawuuzi mungi. Eva ku mwenge ogususse, ssigala, n'endwadde ezikwata |

| | | |
|---|---|---|
| | | ekibumba. |
| Empulirizo z’omutima | Cardiac sensors | Mpulirizo za mutima. Omubiri gulimu empulirizo nnyingi mu bifo eby'enjawulo. |
| Kookolo (kkansa) w’omu musaayi | Leukemia | Ono abeera mu musaayi |
| Okukozesa eddagala okujjanjaba kookolo | Chemotherapy | Okujjanjaba kookolo nga weeyambisa eddagala. |
| Akataffaali nnakizaalizi | Stem Cell | Ensigo y’akataffaali akavaamu ensigo endala. |
| Kookolo w’amagumba | Lymphoblastic Leukaemia (ALL) | Kookolo akwata amagumba n’obusomyo n’ataataaganya omubiri okukola omusaayi. |
| Omulwadde abadde ku kitanda okusiibulwa mu ddwaaliro | Discharge | Okusiibula omuntu okuva mu ddwaaliro |
| Olusirasira/ Oluzzizzi | Discharge | Oluzzizzi oluva mu mabwa, ebizimba oba mu bitundu eby’ekyama |
| Obusomyo | Bone marrow | |
| Okusirisa omuntu agenda okulongoosebwa | General anaethetic | Okusirisa omuntu nga weeyambisa eddagala omuntu ne yeebaka n’aba nga takyawulira bulumi nga kikolebwa ku bagenda okulongoosa. |
| Kawagamubiri ow’obunkenke | Cortisol | Kawagamubiri assa omubiri ku bunkenke. |
| Ebibuno | Gums | |
| Kalwanyamubiri | Cytokines | Ebirungo ebikolebwa omubiri ebiguwa amaanyi okulwanyisa buli kimu. |
| Okutomerwa endiga/ okufa amaka | Acquired Erectile dysfunction | Okuba ng’obusajja tebulina busobozi kwegatta na mukazi kyokka nga mu kusooka bwali bukola naye ne bulekera awo |
| Omufiirwa | Natural erectile dysfunction | Okuba ng’obusajja tebulina busobozi kwegatta na mukazi era ng’omusajja bwatyo bwe yazaalibwa |
| Kavunzabibuno | Periodontal Disease | Endwadde z’omu kamwa ezireeta amabwa n’okuvunza ebibuno n’emba. |
| Kaboola | Gingivitis | Abeera mu mannyo ne gajjamu Ebyeru n’okutumbuka omusaayi |

| | | |
|---|---|---|
| Kawangulamannyo | Periodontitis | Ndwadde y'ebibuno esigula amannyo ne gatandika okunyeenya n'okuvaamu. |
| Ennyingo ezimeketa | Arthritis | Bulwadde bwa nnyingo. |
| Ennyingo ez'akabuutu | Rheumatoid arthritis | Obulwadde obutawona obukwata ennyingo ne buvaako obulema n'obulumi naddala mu ngalo ne mu magulu. |
| Akamwa | Oral Cavity | |
| Ebituli mu mannyo | Dental cavities | Ebituli ebibeera mu mannyo bwe galwala. |
| Entabiro y'akawanga n'ensingo | Craniocervical junction | Ennyingo egatta akawanga ku lusingosingo |
| Kannyogozandwadde | Cryotherapy | Kannyogozandwadde okweyambisa obunnyogovu obusukkiridde okulongoosa n'okujjanjaba endwadde |
| Ebinywa | Ligaments | Lunyamanyama olugatta ennyama ku magumba oba eggumba erimu ku ddala. |
| Endwadde y'okugugumuka | Post-traumatic stress disorder | Endwadde y'okugugumuka n'okweraliikirira eva ku muntu okuba nga yafuna obuvune n'ekyekango ekimutaataaganya obwongo. |
| Eggumba ekkolerere/ Eggumba Magezigabaganda | Bionic bone implant | Eggumba ekkolerere eriteekebwa mu muntu okusikira eriryeery'obuzaale nga lifunye ekizibu. |
| Omubiri omukolerere/ Omubiri Magezigabaganda | Prosthesis | Ekitundu ky'omubiri ekikolerere nga okugulu, ebbeere oba omutima |
| Ennyingo eya ppata | Hinge joint | Ennyingo etezannya kwetooloorera mu nso yaayo wabula ezannya edda mu maaso na mabega yokka nga bw'olaba oluggi olwa Ppata; okugeza ey'omu vviivi, n'olukokola. |
| Okusimbuliza olususu | Skin graft | Ennongoosa esala olususu olulamu okuva ku kitundu ekimu eky'omubiri n'eruzza mu kitundu ekirala we lwetaagibwa. |
| Eggumba nnakataba | Bone graft | Kulongoosa kwe bakozesa okuyunga amagumba nga |

| | | |
|---|---|---|
| | | bazzaawo ebitundu ebiba byetaaga okugatta nga bakozesa ggumba linnaalyo. |
| Eggumba Magezigabaganda/ Eggumba ekkolere | Prosthetic bone | Eggumba erikoleddwa abantu nga si lya butonde oba buzaale. |
| Eggumba ly'omukono erya waggulu | Humerus | Eggumba ly'omukono erigatta ku kibegabega. |
| Katuuka | Prostate | Katuuka, basajja bokka be bakalina, katuula ku kawago. |
| Entula z'abasajja/ Ebibeere | Testes | Ensigo z'ekisajja ezivaamu amazzi agazaala. |
| Okwekebejja Akatuuka | Prostate biopsy | Kuggya kanyama ku Katuuka bakeekebejje. |
| Obujjanjabi obwa kawunyira | Aromatherapy | Okujjanjabisa eddagala omuntu ly'awunyiriza ng'eryo erissibwa mu sawuna, lye bakozesa okusiisiriza ebinywa n'omubiri n'ebirala |
| Okutangaaza' Ekisire y'ebitundu by'abasajja eby'ekyama | Transrectal Ultrasounds | Okukuba ekifaananyi kya 'x-ray' ebitundu by'ensigo z'abasajja n'ebitundu ebifulumya obubi. |
| Ekyebikiro ky'Akatuuka | Prostate Specific Antigen (PSA) | Kirungoekirabula ng'akatuuka katandise okulwala. Lucuuzicuuzi oluva mu Katuuka olulanga obulwadde. |
| Kookolo w'Akatuuka | Protate Cancer | Kookolo akwata Akatuuka, basajja bokka be bamulwala. |
| Ebizimba mu ne ku nnabaana | Fibroids | |
| Ekizimba ekirimu kawuuzi | Cystic Fibrosis | Ekizimba ekirimu amazzi nga kimezeemu kawuuzi. |
| Kaabuvubuka | Puberty | Emyaka egy'ekivubuka omubiri we gukyukira okuva mu bwana omuntu n'atandika okudodoomya eddoboozi (mu balenzi) n'amabeere okusuna mu bawala. |
| Ensenke | Cataracts | Eriiso okuggyako ekintu ekyeru, ekibikka emmunye omuntu n'aba nga talaba bulungi. |
| Endwadde y'okuwuba | Autism | Ndwadde ya bwongo omuntu gy'azaalibwa nayo n'awuba, ewunza entegeera ye n'akaluubirirwa n'okwogera |

| | | |
|---|---|---|
| Omutima okwesiba | Cardiac arrest | Omutima okusirika okumala ekiseera. |
| Obusawo obwa kiyambi/ Palamediki | Paramedics | Misomo egikwatagana n'obusawo. Giyamba ku mirimu gy'abasawo. |
| Omusawo kiyambi/ Omusawo kiyambi | Paramedic | Aba yasoma ebikwatagana n’ebyekisawo ng’asobola okuyambako ku basawo. |
| Okuzirika/ Kkoma | Coma | Okuzirika okumala ebbanga eddene. |
| Omusirisa w’abalwadde | Anesthesiologist | Omuntu asirisa abalwadde nga bagenda okulongoosebwa baleme kuwulira bulumi. |
| Ssaayansi w’okusirisa abalwadde | Clinical anesthesiology | Ssaayansi w’okuziyiza omulwadde okuwulira obulumi ng’alongoosebwa oba ng’ajjanjabwa |
| Kattabulumi | Opioid Fentanyl | Kattabulumi (Ddagala ery’amaanyi ennyo eriweebwa omulwadde ali mu bulumi obungi, okubuziyiza. |
| Okwekebejja emirambo | Autopsy | Kwekebejjamirambo- Kunoonyereza okukolebwa ng’omuntu amaze okufa okuzuula ekimusse oba obulwadde we bubadde butuuse |
| Obujjanjabi bw’omulongoose | Perioperative Medicine | Okubudaabudibwa n’obujjanjabi obuweebwa omuntu agenda okulongoosebwa n’oluvannyuma ng’amaze okulongoosebwa. |
| Omukugu mu by’obutwa | Taxicologist | Ono aba yakuguka mu byonna ebikwatagana n’obutwa. |
| Ddoozi enzijuvu | Therapeutic dose | Obungi bw’eddagala eryetaagisa okujjanjaba obulwadde ne buwona. |
| Obujjanjabi | Therapy | Buno bwe bujjanjabi obuweebwa abalwadde. |
| Obulwadde bw’omutima obuzaale | Congenital Heart Condition | Obulemu ku mutima omuntu bwe yazaalibwa nabwo. |
| Olususu lw’omu kamwa | Oral epithelium | Olususu lw’omunda mu kamwa. |
| Ebinnyo | Natal teeth | Amannyo g’omwana eyaakazaalibwa (Waliwo abaana abazaalibwa n’amannyo). |
| Amannyo agamera | Neonatal teeth | Gano ge mannyo agamera mu |

| | | |
|---|---|---|
| oluvannyuma lw'okuzaalibwa | | nnaku 30 omwana nga yaakazaalibwa . |
| Embeera y'amannyo enzaale | Congenital teeth | Embeera y'amannyo ey'obuzaale. |
| Malibuttole omuzaale | Hypodontia | Amannyo agamu bwe gagaana okumera n'oba n'amalibu. |
| Amannyo agamerera mu lubuto | Foetal teeth | Amannyo agamerera mu lubuto ng'omwana tannazaalibwa. |
| Amannyo amabereberye | Decidual teeth | Amannyo agasooka mu kamwa k'omwana nga tannakuula. |
| Ekibebenu | Cartilage | Ennyama ehhumu emera wakati w'amagumba okugaawula. |
| Ennyingo | Joints | Amagumba we geegattira |
| Ssaayansi w'obulamu/ Bayologiya | Biology ( Bios- Life, logus Science | Essomo erkwata ku bulamu n'ebintu ebirina obulamu. |
| Ssaayansi w'enkola | Physiology (Physio- Do) logus- Science | Science w'engeri ekintu gye kikolamu, kikola kitya? |
| Kayungirizi | Catalyst | |
| Njolekaluse/ Njolekabutonde/ Ndagabutonde | DNA (Deoxyribose Nucleic acids) | |
| Entonda/ Enkula y'ekintu | Anatomia | Kyakolebwa kitya? |
| Embiriizi | | Gano ge magumba agabugiriza amawuggwe |
| | | |
| Eηηumbagumba | Skelton | Amagumba okuzimbirwa ennyama y'omuntu n'ebisolo. |
| Obuligirigi | Spinal processes | |
| Enkizi | Spinal cord | |
| Ebinywa | Tendon | Luno lunyamanyama olugumu olugatta eggumba ku ggumba. |
| Ligamenti | Ligament | Lunyamanyama olugatta ennyama ku ggumba |
| | | |
| | | |
| Emisuwa katwalamusaayi | Veins | musuwa ogutwala omusaayi ku mutima |
| Omusuwa Kaggyamusaayi | Artery. | Gwe musuwa oguggya omusaayi ku mutima okugutwala mu bitundu by'omubiri ebirala |
| Nkoto | Hind head | |
| Nkoona | Occiput | |
| Mpumi | Forehead | |
| Lususu | Skin | |
| Mugaba | Sretchmarks/strae | |

| | | |
|---|---|---|
| Emmembe | Eshcar | |
| Olwala | Nail | Eno ngeri ya kikalappwa ekibeera olugalo gye lusembsera. |
| Olutwe | | |
| Akatakkuluze | | Kano katundu k'akanyama akeeyuza ku nsonda y'engalo olwala we lwegattira era kabeera kaluma n'okuzimbya engalo |
| Ebinyinyi | Eye discharge | Bino bitera kulabika mu maaso amalwadde nga biba byeruyeru |
| Obukoowekoowe | Eyelashes | Buno bwe buviir I obubeera ku bibikka amaaso ekya waggulu n'ekya wansi nga nabwo buyamba okubikka n'okukuuma eriiso |
| Ebisige | Eyebrows | Obuviiri obubeera waggulu ebibikka amaaso ebya waggulu we bitandikira. |
| Ekiwalaata | Bald head | Ekitundu ku mutwe ekitameraamu nviiri. |
| Ebyenkwawa | Armpit hair | Enviiri ezimera mu nkwawa |
| Akalevu | Chin | Akasongezo k'ekibuno ekya wansi. |
| Ekirevu | Beard | Enviiri ezimera ku mba , waggulu ne wansi w'omumwa naddala mu basajja. |
| Ntoli | | Eddoboozi erikolebwa engalo ebbiri (olusajja n'olwa nteevuunya) nga zeekuuse. |
| Nnyindo | Nose | Ekozesebwa okussa. |
| kalindaminyira | Nosal septum | Akanyama akaawula emiwulenge gy'ennyindo. |
| Okutu | Ear | Kukozesebwa mu kuwulira amaloboozi. |
| Akakongovule | Ankle | Akagumba akakukunadde, kigere we kyegattira ku kugulu. |
| Vviivi | Knee | Ennyingo okugulu we kwegattira ku kisambi. |
| Olukokola | Elbow | Akagumba akasongovu awali ennyingo ekitundu ky'omukono ekya wansi we kyegattira ku kya waggulu nga tonnatuuka ku kibegabega. |

| | | |
|---|---|---|
| Oluteega | Archilles tendon | Olunywa ku kugulu emabega olugatta ekigere ku kugulu. |
| Engeregeze | | Amalusu agakalirira ku mimwa oluvannyuma lw'okufuluma mu kamwa ng'omuntuyeebase |
| Amalusu | Saliva | Oluzzizzi oluyamba okugaaya emmere eri mu kamwa ne mu kumira. |
| Okukontola | Click sound | Eddoboozi erikolebwa olulimi nga lukwataganye n'ekibuno ekya waggulu bw'oba obyawukanya namaanyi. |
| Kawompo | Fontanelle | Akatundu |
| Kisinziiro | Heel | Ekitundu ky'ekigere eky'emabega ekikola akasongezo. |
| Nkwawa | Armpit | Ekitundu ky'omunda omukono we gwegattira ku kibegabega. |
| Emmeeme | | Ekitundu munda wakati w'ekifuba n'olubuto |
| Okugwa emmeeme | Rectal prolapsed | Bulwadde ob'ekyenda eky'emabega bwe kivaayo ne kidda ebweru |
| Obwongo obulabika | Brain | Ekitundu ekikola ku kulowooza. Obwongo bulina ebibanja/emizigo/ebisenge nga buli kimu kirina omulimu gwe kikola, nga gwa njawulo. Obutaffaali obufaanana bubeera wamu obukola amasannyalaze agakola omulimu ogwo. |
| Obwongo obutalabika/ Amagezi | Intelligence | Busobozi bw'omuntu okutegeera |
| Omwoyo | Soul | Omuntu ow'omunda. |
| Ekifuba | Chest | Ekitundu wakati w'obulago n'emmeeme, okumera amabeere. |
| Kibegabega | Shoulder | Omukono we gwegattira ku kifuba. |
| Mumiro | Oesophogus | Omuwulenge omuyita emmere ng'omira. |
| Kimiro | Trachea | |
| Olubuto | Stomach | Ekitundu ekitereka emmere emiriddwa. |
| Ekibutobuto | Abdomen | Kitundu ky'olubuto ekiri |

| | | |
|---|---|---|
| | | kungulu |
| Ekyenda ekinene | Large intestine | Ekyenda ekinene |
| Ssebusa | Stomach | Olubuto olusa ebiriibwa. |
| Ebyenda | Intestines | Ekyenda ekinene n'ekitono |
| Kikulumu | Duodenum | Ekyenda ekitono we kitandikira ng'ova ku lubuto. |
| Kataago | Spleen | Kano ke kakola oluzzizzi olukaawa oluyamba mu kumulungula ebika by'emmere ebimu. |
| Kabengo | Enlarged Spleen (sick) | Akabengo nga kalwadde oba nga kazimbye |
| Akawago | Urinary bladder | Kano ke katereka omusulo okutuusa lwe gufuluma mu mubiri |
| Akalulwe | Gallbladder | Lino tterekero ly'oluzzizzi olukaawa oluyamba okumenyamenya amasavu mu mmere |
| Ekkubo lya nakakaawa | Bile duct | Ekkubo eritambuza oluzzizzi olukaawa lw'oyinza okuyita nakakaawa |
| Ennuuni | Pancreas | Lino etterekero ly'omucuuzi oguyamba okumenyaamenya ebika by'emmere ebitali bimu naddala ezimba omubiri. |
| Ekisaanikira ky'akamiro akato/ Akabikka akamiro akato | Epiglotis | Akabikka ku kamiro akato emmere ereme kugenda mu mawuggwe ng'omira |
| Eddookooli | Thyroid/ enlarged thyroid | Livaamu olucuuzicuuzi oluyamba okumenyaamenya emmere. (2) Bulwadde obuzimbya eddookooli. |
| Kaloboozi | Voice box/ vocal cords/ Larynx | Kino kye kitundu ekivaamu eddoboozi ne kisobozesa omuntu okwogera |
| Obutaffaali | Cells | |
| Oluzzizzi | Lymph | |
| Amakebe | | Obulwadde bw'eddookooli obukwata ebisolo nga obuyana obuyonka |
| Entuuyo | Sweat | Zino zifulumiramu obucaafu obubeera mu mubiri |
| Olutuuyotuuyo | Diaphoresis | Ye muntu okutuuyanirira buli kiseera, katera kuba kabonero |

| | | |
|---|---|---|
| | | ka bulwadde. |
| Omuzigo kabirikaliiri | Sebum | Omuzigo  ogugonza omubiri |
| Ekibondo | Gland | Kino kivaamu oluzzizzi oluyamba okukola emirimu egitali gimu mu mubiri |
| Ekibondo ky'oluzzizzi | Lymph | Tterekero lya luzzizzi oluyamba omubiri okulwanyisa endwadde |
| Ekibondo ky'amalusu | Salivary glands | Amakebe/ Ebibondo ebizaala amalusu. Muno mwe mukolerwa amalusu agayamba mu kugaaya emmere n'okugimira. |
| Ensigo | Kidney | Zino ziyamba okuggya obucaafu mu mubiri nga buyita mu musulo. Ziyamba okukuuma amazzi ag'ekigero mu mubiri, n'okukuuma puleesa y'omusaayi nga ya kigero |
| Enkwaso | Sperms | Gano ge magi g'ekisajja agavaamu omwana bwe geegatta n'ageekikazi. |
| Eggi | Ovule | Egg ly'omukazi erivaamu omwana nga lyegasse n'enkwaso |
| Ekisu ky'eggi | Ovary | Muno mwe mubeera amagi g'ekikazi |
| Ensongobe | Foetus | Olubuto olusowose |
| | | |
| Ekitanyi/ Omwana ow'emabega/ omwana owookubiri | Placenta | Muno mwe muyita ebyokulya by'omwana ng'ali mu lubuto |
| Okuzaala | Delivery | Ye mwana akuze obulungi okuva mu lubuto |
| Okwosera | The period between delivery and another conception | Kye kiseera omukazi  ky'amala okuddamu okufuna olubuto oluvannyuma lw'okuzaala |
| Obwannakawere | Puerperium | Lino ly'ebbanga lya wiki nga mukaaga nnakawere z'amala omubiri gwe okudda mu nteeko. |
| Ekirira | Umblical cord | Kino kye kigatta omwana ku kitanyi omwana mw'aliira |
| Obwosi | Kwashiakor | Obulwadde bw'endya embi abaana aboosere n'abaggyiddwa ku mabeere bwe batera okufuna. Butera kubaluba nga |

| | | |
|---|---|---|
| | | bali mu mwaka nga gumu n'ekitundu nga butera kuva ku mwana butalya biriisa bizimba mubiri ebimala. |
| Okuzzaako | Child spacing | Ye mukazi okuddamu okuzaala ng'azza ku mwana omukulu. |
| Ekireego | Marasmus | Obulwadde bw'abaana obuva ku ndya embi ng'omubiri tegulina maanyi. Buno butera kukwata baana abagenda okuweza omwaka nga buva ku mwana obutalya kimala ebiriisa byonna ebyetaagisa mu mubiri naddala ebyo ebireeta amaanyi. |
| Omusujja gw'ensiri | Malaria | Buno bulwadde obutambuzibwa ensiri enkazi ng'erumye omulwadde waabwo ate n'eva awo n'eruma n'abadde tabulina. |
| Omusujja gw'omu byenda | Typhoid | Guno musujj guva mu kulya ebicaafu naddala amazzi. |
| Nnamusuna | Chicken pox | Buno bulwadde obukwata obuleeta obutulututtu obusiiwa. Buleetebwa vayiraasi. |
| Bigenge | Leprosy | Bulwadde obuleeta ebikaata obusimu ne bufa n'ebitundu by'omubiri ebimu ne bitandika okukutukako. |
| Kawaali | Small pox | Buleeta obutulututtu oluvannyuma obukaluba ne buleeta n'obunnya ku mubiri |
| Ekiddukano | Diarrhea | |
| Wayirindi | Scabies | Bulwadde bwa lususu obukwata ate nga busiiwa Buleeta ebituulituuli ebimyukirivu ebivaako n'ebikalappwa. |
| Nkumuunye | | Bulwadde bwa kikaba. |
| Kabaata | | Ndwadde ya bikaata |
| Lubyamira | Pneumonia | Obulwadde bw' amawuggwe |
| Ensenke | Cataract | Okujja ekifuu ku muunye y'eriiso |
| Ejjanga | Teary eyes | Amaaso okubanga gavaamu amaziga oluttakera |
| Ndali | Strabismus | |
| Mpujjo | Mild strabismus | |

| | | |
|---|---|---|
| Kawumpuli | Babonic plague | |
| Nsimbu/ Ebigwo | Epilepsy | Bulwadde obw'okwesiika n'okugwa awatali nsonga |
| Okuzirika | Fainting/ Syncope | Okubeera nga tokyategeera biri ku nsi okumala akaseera akatono |
| Okulumika | | |
| Biwalattaka | Acute/ critical | Omuntu okubera omuyii ennyo |
| Alusa/ | Peptic Ulcers | Amabwa mu lubuto |
| Ekikeeto | Heart burn | Ekyokerero mu kifuuba ekiva ku aside ava mu lubuto ng'adda mu mumiro. |
| Oluyiro/ Asima | Asthma | Obulwadde obuvaako okuziyira nga buva ku miwaatwa omuyita empewo essibwa okufunda n'okuzimba nga bwe gireeta n'eminyira emingi. |
| Ebbango | Hunchback /Kyphosis | Kino kiva ku lugongo okweweta ekisukkiridde eno waggulu enkizi gye yeegattira ku mutwe nga kitera kuva ku kusowottoka kw'agamu ku magumba agagatta olugongogongo. |
| Ettalo | Cellulitis | Liva ku buwuka obulumba olususu olw'omunda ddala ne lutandika okuleeta amasira. |
| Ebizimba | Boils | Bulwadde obutandikira mu butuli obw'olususu. |
| Obudalidali | | |
| Obugeregere | Tinea pedis (Athletes foot) | Buno butera kukwatira mu mazzi, ebigere ne bifuna obutulututtu obusiiwa. |
| Ensalika | Foot Cracks | Olususu wakati mu bugere luyulika ne luleeta olubwabwabwa. |
| Amaga | | Zino nkyakya ennene eziyingira munda mu mubiri oluusi ne zireeta n'omusaayi. |
| Bidandi | | |
| | | |
| Akasekere | Stye | Akavunza akakwata ku liiso ne kafuna amasira. |
| Ekigalanga | Fibroids | Ebizimba mu nnabaana |
| Okugulumba | Grumbling stomach | Edoboozi eriva mu lubuto olw'okwekyusa kw' ebyenda |

| | | |
|---|---|---|
| Ekibobe | Rhinolith | Ekivundu mu nnyindo nga kiva ku minyira egikwatira egifuluma nga giwunya. |
| Kasikonda | Hiccups | Ajja, olububi olwawula ekifuba ku lubuto bwe lutandika okwetugga. |
| Kinsimbye | Colic pain | Obulumi mu mbiriizi omuntu n'awulira nga mwe bamusimbye effumu nga tasobola kussa bulungi. |
| Omutwe omuteezi | Migraine headache | Omutwe ogulumira ku ludda lumu olw' omutwe |
| Omutwe ogubobba | Tension headache | Omutwe oguluma gwonna |
| Omutwe ogumyansa | Cluster headache | Omutwe ogulumira ku ludda lumu olw' omutwe; emabega oba okwetooloola eriiso |
| Okwerumuka | Epistaxis | Okuva omusaayi mu nnyindo |
| Amambulugga | Mumps | Bulwadde obuva ku vayiraasi ekwata ekibondo ky'amalusu mwe gakolerwa ne kizimba. |
| Ebiguuna | Tinea capitis | Biva ku kawuka akalya olususu lw'oku mutwe. |
| Oluumu | Tinea corporis | Kawuka akalya olususu ne lutandika okusiiwa. |
| Ebisente | Tinea (pityriasis) versicolor | Ebipaapi ebyekulungirivu ebikuba olusus naddala ku mikono ne mu maaso. |
| Ebigalo | Onychomycosis | Engalo bwe zivunda olw'amazzi nga buno bulwadde obutera okukwata abantu abooza ennyo engoye nga bakozesa engalo |
| Enkovu | Scars | Kinyamanyama ekimera awaali ebbwa bwe ligenda liwona. |
| Olukindo | Incision site/previous scar | Enkovu esigala ku muntu nga bamaze okumulongoosa. Akatuli ke basala ku muntu nga balongoosa ebitundu bye eby'omunda. |
| Empanama | Hydrocele | Eva ku mazzi agakuηηaanira mu kisawo ky'ensigo z'abasajja ne gayitirira obungi. |
| Tetenasi | Tetanus | Ava ku kawuka akayigirira mu bbwa ne kafulumya obutwa obutambula omubiri gwonna ne buvaako okwesika. |

| | | |
|---|---|---|
| Okuvunda | Sepsis | Ennyama okuleeta amasira. |
| Ekivundu | Odour | Olusu olubi |
| Okukogga | Weight loss | Okukendeera kw'obuzito bw'omuntu. |
| Okukenena | Extreme weight loss/ emanciation | Okukendeera kw'obuzito bw'omuntu okusukkiridde |
| Okuwuukeera | Wheezing | Kwe kussa ng'omukka gukola eddoboozi erya waggulu eryefaanaanyirizaako nga afuuwa oluwa. |
| Okuweekeera | Hyper ventilation | Okussiza okumu okumu |
| Okujjonkera | | |
| Okusikondoka | Chyne-stroke breathing | Okussa ng'omuntu bw'abuukamu akaseera n'aba nga atassa ate n'attukiza. Kitera kuba ku bantu abagambibwa nti basigaddeko kikuba mukono. |
| Okubaka omukka | Gasping | Okussa amangu nga n'ogumu oguyisa mu kamwa. |
| Okunanaagira | Stammering /Stuttering | Buzibu bw'okwogera ng'omuntu ebigambo abikutulamu ennyingo nga bw'aziddaddamu. |
| Obulago okusaakaala | Hoarse voice | Okukozesa ennyo eddoboozi ne litandika okuvaamu ebigambo nga tebiwulikika bulungi. |
| Akawoowo | Scent | Empunya ennungi |
| Okujjanjaba | Treat | Okuwa  omuntu endabirira n'eddagala erikola ku bulwadde bw'alina. |
| Okuvumula/ Okuwonya | Cure | Kwe kumalawo obulwadde omutu n'adda mu mbeera. |
| Okussuuka | Recover | Omuntu ng'atandise mu mbeera |
| Okubudaabuda | Rehabilitation | Okuyamba omuntu okudda mu mbeera ye ey'obulamu |
| Okugema/ Okusibaga | Immunise | Okutangira endwadde ng'okozesa eddagala. |
| Okuziyiza | Prevent | Okutangira endwadde ng'okozesa eddagala n'ebintu ebirala ebitali ddagala. |
| Obusibage/ Obugeme | Immunity | Okuba n'obusobozi okuziyiza endwadde. |
| Kattabusibage | HIV (Human immune virus) | Kano kawuka akanafuyaobusobozi bw'omubiri okulwanyisa endwadde. |

| | | |
|---|---|---|
| Olususu lw'oku mutwe | Scalp | Olususu lwonna olubisse omutwe. |
| Enkwawa | Axilla/ armpit | Ekifo ky'omubiri wansi w'omukono we gugattira ku kibegabega. |
| Ekkundi | Umblicus | Ekifundikwa ku lubuto awabeera ekirira |
| Akawago | Bladder | Ekitundu ekitereka omusulo okutuusa lwe gufulumizibwa mu mubiri okuyita mu kufuka. |
| Ekkubo ly'omusulo | Urethra | Omusulo we guyita nga gufuluma. |
| Embalakaso n'embaasuulo | Groin/ Inguinal region | Ebitundu ebyetoolodde ebitundu by'ekyama |
| Ppata | Sphincter | |
| Ekiwanga | Nasal cavity | Ebitundu byonna ebikola ku kussa. |
| Ekibuno ekya waggulu | Hard palate | Ekitundu ekimyukirivu munda mu kamwa waggulu awava amannyo. |
| Akabuno | Soft palate | Ekintundu munda mu kamwa ekyeyongerayo munda okumpi n'omumiro. |
| Nnakamiro | Larynx | Akabikka ku kkubo ly'omukka emmere ereme kuyingira mu kamiro akato. |
| Akamiro akato | Trachea | Kkubo ly'omukka erigutuusa mu mawuggwe. |
| Akabebenu | Diaphragm | Ekisenge ekyawula ekifuba ku lubuto munda. |
| Emmeeme ey'emabega | Rectal prolapse | Emmeeme ey'emabega okufuluma. |
| Akabutobuto | Peritoneal cavity | |
| Obutoffaali obumyufu | Red cells | Buno bwe butoffaali obutambuza ebiriisa n'omukka okuva mu kitundu ekimu eky'omubiri o**ku**dda mu kirala. |
| Kasaayikamudaaki | Haemoglobin | Ekirungo ekimyufu ekisangibwa mu musaayi era ekiguwa langi yaagwo |
| Obutoffaali obulwanyi | White cells | Obutoffaali bw'omusaayi obulwanyisa obuwuka. |
| Ebitundu by'omubiri | Organs | Ebitundu by'omubirir ebikola emirimu egitali gimu. |
| Ebitundu by'omubiri | System | Ebitundu by'omubiri ebikolera |

| | | |
|---|---|---|
| ebya ntabaluganda | | awamu omulimu ogumu |
| Ebitundu ebissa | Respiratory System | Ebitundu by'omubiri ebikola ku mukka oba okussa. Okyayinza okuliyita ekkubo ly'omukka oguyingira n'okufuluma omubiri. |
| Ebitundu ebikola ku musulo | Urinary system | By'ebitundu by'omubiri ebikola ku musulo, okyayinza okuliyita ekkubo ly'omusulo. |
| Olususu olw'olunyiranyira | Mucosa | Luno lwe lususu oluweweevu olutotobavu olusangibwa mu nnyindo, mu kamwa, mu bibikka amaaso mu byenda ne m miwulenge egiyisa omukka Ssinga olususu luno lufuna olwatika wonna ekyo kye kiyitibwa alusa. |
| Omuwulenge | Duct | Omukutu ogutambuza ebintu ebitali bimu mu mubiri |
| Obwongo | Brain | Kye kitundu ekifuga okulowooza |
| Akawanga | Skull | Ge magumba omubeera obwongo. |
| Enkizi | Spinal cord | Lugatta akabina ku bwongo |
| Olugongogongo | Backbone/ Vertebral column/ spine | Zino ze ηηumbagumba ezeetoolodde enkizi era ezigikuuma. |
| Olubuno | Gums | Ennyama emmyuufu oba enzirugavu eyeetoolodde amannyo |
| Ekifuba | Chest | Ekitundu okuva ku nsingo okutuuka ku mmeeme. |
| Omufundo | Anus | Awafulumira obubi |
| Okumenyaamenya emmere/ Okugaaya | Digestion | Okumenyaamenya emmere mu butundu obutono ddala nga kino kikolerwa mu lubuto. |
| Okumirungusa emmere | Absorption | Kwe kumiringusa emmere obutundutundu obwo obutono obusobola okukozesebwa omubiri. |
| Okupama/ Okufuluma/ Okukuba ppupu | Excretion | Kwe kufulumya obubi okuva mu mubiri. |
| Ekisawo ky'abasajja | Scrotum | Ekisawo omubeera ensigo z'ekisajja |
| Ebyeru by'amaaso | Sclera | |
| Oluzigaziga lw'oku | Conjuctiva | Oluzzizzi olubikka emmunye |

| | | |
|---|---|---|
| mmunye | | y'amaaso |
| Olubuto olutuuse | Full term | Omwana atuuse Ye mwana azaalibwa oluvannyuma lw'okumala emyezi mwenda mu lubuto lwa nnyina. |
| Omwana atatuuse | Preterm/ Premature | Ye mwana azaalibwa nga tannatuuka. |
| Obulemu | Deformity | Ekintu nga kyatondebwa nga tekiri mu mbeera yaakyo entuufu |
| Pooliyo | Polio | Endwadde erumba obusimu n'evaako obulema |
| | | |
| Ennyingo eyakakanyala | Contracture | Ennyingo enkakanyavu etekyuka. |
| Okugwirwa olumbe | Attack | Kwe kugwirwa obulwadde obw'amangu. |
| Omulwadde | Patient/ Client | Omuntu eyetaga obujjanjabi |
| Obukosefu obwoleka obulwadde obulala | Symptoms | Obukosefu obwoleka omuntu nti mulwadde (Ayinza okuddukana, okubulwa amaanyi |
| Obubonero bw'obulwadde | Signs | Bwe bubonero bw'obulwadde (Okusiiwuuka emimwa, amaaso okumyuka, akataago okuzimba, ensingo okukuluma. |
| | | |

ESSUULA 2 CHAPTER 2

## EBIKWATA KU KUKANIKA TERMINOLOGIES FOR MECHANICS

| LUGANDA | LUNGEREZA | OMULIMU GWE KIKOLA |
|---|---|---|
| KKALIYA | CARRIER | EYAMBA OUSITULA EBINTU OBA ABANTU ABABA BAWEEKEDDWA KU GGAALI. |
| SITAADI | STAND | EYAMBA OKUWANIRIRA OBA OKUSIMBA EGGAALI NGA YEETENGEREDDE |
| AMAYEMBE | HANDLE BARS | GAYAMBA OKUTEREEZA EGGAALI OBUTATOMERA , |
| FULUWEERO/ NNAMUZIGA/ SSEBUNNYO | FREE WHEEL | YE NNAMUZIGA OKUVA EBISOTTA ERA OKWETOOLOOLERWA OLUJEGERE EGGAALI ESOBOLE |

| | | |
|---|---|---|
| | | OKUTAMBULA. |
| EBISOTTA | PEDDLES | BYE BIRINNYIBWAKO EBIGERE OKUSINDIKA EGGAALI ETAMBULE |
| KWOTA PPINI | QUARTER PIN | GUNO MUSUMAALI OMUNENE OGUBEERA MU KYOTO OKWETOOLOOLEBWA AMAANYI GE GAALI. |
| EBIGERE | PEDAL HUB | EBIBEERA KU BISOTTA NGA BIKOLEBWA MU MASANDA OKULINNYIBWAKO EBIGERE |
| MANDIGAADI/ MUKWATABISOOTO | MUD GUARD | EBYUMA EBITEEKEBWA WAGGULU W'EMIPIIRA GYOMBI OKUZIYIZA EBISOOTO N'OBUYINJA OKUMANSUKA. |
| EKIFUBA | | EKITUNDU EKIWANIRIRA AMAYEMBE N'OBUKONO |
| OBUKONO | DROP HANDLE BARS | OBUUMA OBUGATTA EKIFUBA N'OMUPIIRA OGW'OMU MAASO. |
| OBUSAMBI/ OBUWANIRIZI | PEDAL CRANK ARM | OBUUMA OBUGATTA OMUPIIRA OGW'EMABEGA N'ENTEBE. |
| EBIZIYIZA/ KAKENDEEZAMISINDE | BRAKES | BIYAMBA OKUKENDEEZA EMISINDE GY'EGGAALI. |
| ENNANGA/ SSEZINNYO | DISC BRAKES | |
| ETTAALA | HEAD LAMP | EYAMBA OMUVUZI OKULABA MU BUDDE OBW'EKIRO |
| KKENGERE | BELL | KINO KYAVA MU LUSWAYIRI, EYAMBA OKULABULA OMUNTU ALI MU KKUBO AVIIRE EGGAALI. |
| EKIZOOSI | EXHAUST SYSTEM | EKITUNDU EKIFULUMYA OMUKKA KU MMOTOKA |
| AMAYEMBE | | |
| KKENGERE | BICYCLE BELL | EKOZESEBWA NGA AKADE OKULABULA ABATAMBUZE OBA OKUYITA ABANTU |
| EGGABO | CHAIN STAYS | OKWETOOLOOLERA OLUJEGERE |
| EBIZIYIZA / KAKNDEEZAMISINDE | BRAKES | BINO BIYAMBA OMUVUZI OKUKENDEEZA EMISINDE GY'EGGAALI ERA N'OKUGISIBA N'EYIMIRIRA. |
| KAFUGAMISINDE/ KAKENDEEZAMISINDE/ KASALAMISINDE | SPEED GOVERNOR | AKUUMA AKASSIBWA MU MMOTOKA AKAGIZIYIZA OKUDDUKA ENDIIMA NGA KASALA SIPIIDI NE KALEMESA DDULEEVA OKUVUGA |

| | | |
|---|---|---|
| | | ENDIIMA. |
| SSAKABUZOOBA | SHOCK ABSORBER | OKUKENDEEZA EMMOTOKA OKWEKUBA MU BINNYA. |
| EKIZOOSI | EXAUST PIPE | OMUDUMU OGUFULUMYA OMUKKA |
| OMUPIIRA | TYRE | OGUYAMBA EMMOTOKA OKUTAMBULA NGA GWEKULUNGULA |
| SAYIDI MMIRA [AKALABIRWAMU] | SIDE MIROR | AKALABIRWAAMU AKAYAMBA OMUVUZI OKULABA EMABEGA |
| ETTAALA | LAMP | ZIYAMBA OKULABA EKIRO |
| E□□OMBE | CAR HORN | EYAMBA OMUVUZI OKULABULA ABALI MU KKUBO |
| SITEERINGI [ENKATA] | STEERING WHEEL | EYAMBA OMUVUZI OKUTEREEZA EMMOTOKA MU KKUBO |
| BBUUTU | BOOT | EYAMBA OKUTEEKAMU EBYUMA N'EMIGUGU |
| OBUSIIMUULA | WIPERS | BUYAMBA OKUSIIMUULA ENDABIRWAMU |
| BBULEEKI | HAND BRAKE | EYAMBA EMMOTOKA OKUGISIBIRA MU KIFO NGA TETAMBULA. |
| GGIYA | GEAR LEVER | EYAMBA OMUVUZI EOKUWA EMMOTOKA AMAANYI AGASIMBULA N'OKUDDUKA. |
| EBIREVU | MUD GUARD | BIYAMBA EBISOOTO N'OBUYINJA OBUTAMANSUKA. |
| Bitulibingi | | Ekyuma ekisumululula natty z'eggaali zonna. |
| Sipanda | Spanner | Ekyuma ekisumululula natty z'emmotoka |
| Jeeke | Jake | Ekyuma ekiyamba okusitula emmotoka nga bagiggyako omupiira. |
| Magalo | Screw driver | Ekyuma ekiyamba okukwata n'okusumululula ezimu natty |
| Sipeeya ttaya | Spare tyre | Guno mupiira ogukozesebwa nga omulala gwabise oba okuggwaamu omukka |

ESSUULA 3 CHAPTER 3

EBIGAMBO BY’ABAWEESI METAL ARTISANS’ TERMINOLOGIES

| LUGANDA | LUNGEREZA | EBIKINNYONNYOLA |
|---|---|---|
| Ennyondo | Hammer | Ekozesebwa okukomerera n’okugolola |
| Omusumeeni | Seesaw | Gusala |
| Eηηanzikiro/ Oluyijja | | Akagololerwako ebyuma |
| Ffuleemu Angle bars | Angle bars | Emiti egikwata oluggi oba eddirisa |
| Amasasi | Welding rods | Obwokya ebyuma |
| Ensinjo/ Kaηηanka | Chisel | Ekyuma ekyeyambisibwa okusala ebyuma ebirala. |
| Obumooli obulongooseemu | Louvrers | Ekika kya bumooli bubeera bwewunziikiridde. |
| Vayisi | Vice | Ekikwata ebyuma by’osala |
| | Mild steel plates | Amabaati ge bakolamu enzigi |
| Oluwawu | Sand paper | Luwawula embaawo ne ziseeteera bulungi |
| Ppata | Hinges | Zikwata enzigi |
| Enziga | Rollers | Zino kwe kutambulira enzigi ezeeseetula |
| Ttooci | Torch | Akuuma k’amasannyalaze akookya ebyuma |
| Ekyuma kya wolodingi | Welding machine | Kikozesebwa okwokya ebyuma |
| Kawagalo | Grinding machine | Kiwagala ebyuma |
| Envumbo | Body filler | Envumbo bagijjuza awali ebituli |
| Abooki b’ebyuma | Welders | Abookya ebyuma |
| Coal | Amatale | Amayinja agasaanuusibwa ne gavaamu ebyuma |
| Smelting | Okufukuta | Okusaanuusa ekyuma/ amatale |
| Olutabu | Iron ore/ Smelted metal | Bw’osaanuusa ebyuma ne bifuuka nga amazzi olwo lwe lutabu. |
| Amasengere/ Ebisejja | Impurities from smelted metal | Bw’omala okusaanuusa ekyuma ebyo ebisigalira |
| Akabiga | Smelting funnel | |
| Ekyuma kya kkalwe | Steel | Ekyuma ekigumu |

| | | |
|---|---|---|
| | | ekitatalagga mangu |
| Ekikomo | Copper | Kino kika kya kyabugagga eky’omu ttaka |
| Okugenekera | Collect smelted iron liquid | Kwe kulembeka olutabu oluva mu byuma ebisaanuusiddwa. |
| Omukoonyi | | Akuba ebyuma n’ennyondo |
| Omufukusi | Smelter | Afukuta omuvubo |
| Omuvubo | Funnel | Omuyita ebyuma ebisaanuusiddwa |
| Omunazi | | Akozesa obuyondo obutono okuttaanya ebyuma |
| Okunaga | | Okugolola awakyamye |
| Lwera | Yellow spear | Effumu erya kyenvu |
| Namazzi | White spear | Muno mwe muva effumu eryeru |
| Ebinyolo E□□ango | Round pipe | |
| Enkero | Mouth of fire funnel | Omumwa gw’omuvubo |
| | Ekitaabira | |

ESSUULA 4 CHAPTER4

EBIGAMBO BY'EKIZIMBI BUILDERS' TEMINOLOGIES

| LUGANDA | LUNGEREZA | EBIKINNYONNYOLA |
|---|---|---|
| Amayinja | Stones/ Aggregates | Amayinja agassibwa mu nkokoto |
| Enkokoto | Concrete | Amayinja amatabulemu omusenyu ne seminti |
| Omusenyu | Sand | Omusenyu gwe gugattibwamu seminti ng'ogenda okuzimb. |
| Seminti | Cement | |
| Omusingi | Foundation | Olunnya olusimidwa okulaga ennyumba gy'egenda okuyita era muno mwe muzimbwa bbulooka okukola ebisenge. |
| Obukondo | Profile | Bukozesebwa okupima enju w'eneekoma oba okupima awanaasimwa omusingi. |
| Nnakaweta | Square | Kakozesebwa okupima ensonda z'enju okulaba oba ntereevu. |
| Akaguwa | String | Kasibibwa ku nkondo okupima obutereevu bw'omusingi. |
| Emisumaali | Nails | Gikomererwa mu mabaati ne mu bbuliti zireme kusagaasagana, zibeere wamu. |
| A matoffaali (aga yinsi 4-5+5) | Bricks | Gakozesebwa okuzimba ebisenge. |
| Bbulooka oba agataffaali (aga 99- yinsi 6-8+18) | Blocks | Zikozesebwa okuzimba ebisenge ebigumu. |
| Enkokoto | Blinding | Eno etabulwa amayinja, sseminti, omusenyu n'amazzi era ekozesebwa okuzimba omusing okuviira ddala ku ntandikwa, wansi. |
| Agayinja | Hard core | Amayinja amanene ge basooka mu musingi nga bagenda okuzimba naddala |

| | | |
|---|---|---|
| | | mu kifo omuli ettaka eggonvu oba mu lutobazzi. |
| Lebeni | Spirit level | Keeyambisibwa okupima obutereevu bw’ekizimbe |
| Bbirigi | Blumb bob | Kano kalinga nkuyo, kapima butereevu bwa kisenge |
| Ekipigiri | Compactor/ Jumper/ Roller/ Rammer | Kikozesebwa okunyiga ettaka mu bisenge, wagume balyoke bayuweko enkokoto. |
| Ddaamukoosi (kaveera) | DPC (Dump proof course (Bitumen / Crude oil) | Eziyiza amazzi agava mu musingi okugenda mu bisenge. |
| Emitayimbwa | Iron bars | Gikozesebwa okusiba enpagi ne lingi bbiimu. |
| □□□anzikizo | Wall plate | Zino bbuliti ezituula ku lingi bbiimu. |
| Bbiimu | Ring bim | Eno eba nkokoto n’emitayimbwa bye bakozesa okusiba ennyumba n’enywera era n’eba wamu nga bafuna ebibaawo ne babisiba mu makkati gaabyo ne bayisaamu emitayimbwa ne bayiwamu n’enkokoto. |
| Akasolya | Pitch | |
| Payani | Hoop Iron | Obubaati obusiba ebisenge. |
| Omukomba | Rafter | Ze bbuliti eziva ku □□anzikizo okutuuka ku kasolya |
| Empagi | Column | Zino ziba nzimbe buzimbi nga si za miti. |
| Emikiikiro | Trancy | Bbuliti eziganzikibwa ku mikomba, kwe bakomerera amabaati |
| Omusekese gw’akasolya | Trancy | Guno guba musekese nga gumaze okukomererwako bbuliti gwonna kyokka nga tekuli mabaati. |
| Omwiko | Trowel | Kano keefaanaanyirizaako ekitiiyo naye ko kaba katono era keeyambisibwa okuyoola olutabu lwa |

| | | |
|---|---|---|
| | | sseminti n'omusenyu okulussa awagenda okussibwa bbulooka n'okuttaanya. |
| Akasumeeni | Hand saw | Kano kakozesebwa okusala embaawo ne bbuliti. |
| Akasumeeni ak'omutego | Bow saw | Kano kaakula nga omutego. Nako kakozesebwa okusala bbuliti. Kano basobola okukapangulula ne bakatambuza mu bitundutundu. |
| Akasolya | Pitch | Kawanirira enju yonna. |
| Bbiimu (Luwaga) | Tie beem | Guno guba muti oba bbuliti etuula ku lingi bbiimu ng'esala okuva ku kisenge eky'omu maaso ng'edda emmanju era ekwata ebisenge bireme kuyuuga. |
| Ebizingiriiti | Braces | Zino ziba mbaawo ezigatta emikomba ne luwaga okunyweza akasolya |
| Enzizi (Emikiikiro) | Pallins | Bbuliti eziganzikibwa ku mikomba era kwe bakomerera amabaati. |
| Kimeeza | Club | Eba nkokoto n'amayinja ebitabuddwaamu sseminti omuka ne babiyiwa mu bisenge ne mu ddiiro wamu n'olubalaza basobole okussaako obugyo oba obuyinja nga tewaatika oba okutandaaza ne sseminti omutali musenyu |
| Okutandaaza | Cementing | Kwe kussa sseminti ansi ne wataba wa ttaka. |
| Ssemiwaatwa oba sseddugge | Round pipe | Zino payipu ennene ate nga zirimu emiwulenge nga zikozesebwa okuwanirira ekisasi n'okuwanirira akaslya k'ennyumba enzimbe nga nneetooloovu. Okwo kwe balasiza akasolya (Mufuubeeto). |
| Engalama | Ceiling | Eno ekozesebwa okubuniza ebisenge nga tosobola |

| | | |
|---|---|---|
| | | kulaba mu kasolya. |
| Ebbunizo | Ceiling frame | Zino mbaawo entonotono ze baganzika ku bisenge nga zikwatiddwa ku luwaga zireme kuvaayo. |
| Akatimba ak'engalama | Expanded wire mesh | Kaba kaaleegerwa wansi w'ebbunizo ne bakakubako olutabu lwa sseminti n'omusenyu ekiyitibwa okunyeesa. |
| Lebeni | Water level | Eno ekozesebwa okupima ebisenge ebiwanvu nga ebya kalian. Luno luba lupiira olutangaavu nga mulimu amazzi. |
| Obugyo | Tiles | Buno bukozesebwa okutandaaza wansi. Bubeera bwa nsonda nnya nga buli ludda lwenkana lunnaalwo. |
| Obuyinja | Terazo | Buno nabo bukozesebwa okutandaaza wansi mu bisenge. Buno babutabulamu sseminti abuyamba okukwata obulungi wansi. Oluvannyuma nga bukaze, babuwagala ne butereera nga bakozesa ekyuma ekiwagala (kawagalo - grinder). |
| Ekipande | Wooden float | |
| Ggudumala | Steel float | |
| Amabaati | Iron sheets | Geeyambisibwa okusereka enju. |
| Sitapuli | Staples | Buuma obukozsebwa okuggala oluggi bw'oba munda. |
| Ennyondo | Hammer | Ekomerera emisumaali mu mabaati ne bbuliti. |
| Enzigi | Doors | Ze ziggala emiryango gy' enju |
| Amadirisa | Windows | Gassibwa mu bituli ebiteekebwa ku nnyumba esobole okufuna ekitangaala n'empewo |

| | | |
|---|---|---|
| | | emala. |
| Lukwata | Vice | Ekikwata ebyuma |
| Embaati | Mild steel plates | Bazikolamu enzigi |
| Oluwawu | Sand paper | |
| Ppata | Hinges | Zino ze zikwasa enzigi ku myango ne ziba nga zisobola okweggula n'okweggala. |
| Enziga | Rollers | |
| Ttooci | Torch | Akookya ebyuma |
| Ekyuma kya wolodingi | Welding machine | Ekyuma ekyokya ebyuma ebirala. |
| Kawagalo | Grinding machine | Kawagalabyuma |
| Envumbo | Body filler | Bagijjuza mu bifo omuli ebituli oba enjatika |
| Obumooli obulongooseemu; Luuva | Louvrers | Zikola nga obumooli |
| Abooki b'ebyuma | Welders | Abookya ebyuma |

EBISEMBAYO

Abantu abenjawulo abeetaba mu kukubaganya ebirowoozo ku bigambo ebyo waggulu okwali ku Bulange e Mmengo.

APPENDIX

List of people who attended the workshop on these terminologies, at Bulange, Mmengo.

5th December 2019.

OKWANJULA EBIGAMBO BYA SSAAYANSI NE TEKINOLOGIYA EBIGUNJIDDWA MU LULIMI OLUGANDA
LWAKUNA, 5 DDEESEMBA (NTENVU) 2019

ABABADDEWO

| | AMANNYA | EKITONGOLE | ESSIMU/ENDAGIRIRO |
|---|---|---|---|
| 1. | NANSUBUGA LUBOWA GRACE | EKIBIINA KY'OLULIMI OLUGANDA | 0785850426. |
| 2. | LUWALAGA J.G. MUNZI | EKIKA KY'ENGEYE | 0753645601 |
| 3. | MUWANGA CHARLES | EKIKA KY'ENGEYE | 07[illegible]4 211 606 |
| 4. | KASULE KALULE CHARLES | EKIKA KY'ENGEYE | 0754576909 |
| 5. | MULUMBA BWANIKA M. | MAKERERE UNIV | 0782-689082 |
| 6. | NVIIRI ROBERT | KIBIINA KYA LULIMI OLUGANDA | 0775-470616 |
| 7. | KIRABIRA ANDREW | UGANDA MARTYRS UNIVERSITY | 078411517 andrewkirabira@yahoo.com |
| 8. | ~~SERWANGA RICHARD~~ | ~~MAKERERE UNIVERSITY~~ | ~~0789550616~~ |
| 9. | NANSUBUGA DOROTHY | MAKERERE UNIVERSITY | 0770827072 |
| 10. | Kimbowa Joseph | Ministry of Culture | 0702019182 |
| 11. | Lukabwe Fred K | LLL / EKO | 0772500686 |
| 12. | Mulagwe Damas | EKO | 0772472125 |
| 13. | Pamela Batenga | ACALAN/LLL Lmissha. | 0772696647 |
| 14. | ~~NAZIWA FLORENCE BUSULWA~~ | ~~ACALAN.~~ | ~~0773373036.~~ |
| 15. | GERALD N. BUKENYA | EKO | 0772 589 700/0702 - - |

5th December - 2019

**OKWANJULA EBIGAMBO BYA SSAAYANSI NE TEKINOLOGIYA EBIGUNJIDDWA MU LULIMI OLUGANDA**
**LWAKUNA, 5 DDEESEMBA (NTENVU) 2019**

**ABABADDEWO**

| | AMANNYA | EKITONGOLE | ESSIMU/ENDAGIRIRO |
|---|---|---|---|
| 16. | MASANKWA ACAWI KATWIIMO | EKIBIINA KYÓLULIMI OLUGANDA | 0779907698 |
| 17. | Mukiibi Achilles | IALI | 0703 661167. |
| 18. | Mutagwanya Bbirikkadde | EKibiina Ky'olulimi Oluganda | 0772683444 |
| 19. | KATEREGGA SOLOMON | HDCL | 0702868841. |
| 20. | Rev. Kabanda Herbert | Namirembe Diocese Education Department | 0752667353 / 0772-428170 |
| 21. | B. MUTAWE TTENDO | ACALAN | 0772412688 |
| 22. | KYEWALYANGA HERBERT | Metro Fm | 0772 415292 |
| 23. | Namakula K. Peggy | ACalan | 0706 315152 |
| 24. | NAKIWALA CHRISTINE | Ekibiina Kyólulimi Oluganda | 0752299139. |
| 25. | SSONKO HANNINGTON | ABOOLEZI BÓKUMIKOLO | 0704666144 |
| 26. | SERUWANO RONALD | Ekibiina kyólulimi Oluganda | 0779284503 |
| 27. | Nnakkazi Elizabeth | E.R.O | 0703-424209 |
| 28. | [illegible] | | |

**OKWANJULA EBIGAMBO BYA SSAAYANSI NE TEKINOLOGIYA EBIGUNJIDDWA MU LULIMI OLUGANDA**
**LWAKUNA, 5 DDEESEMBA (NTENVU) 2019**

**ABABADDEWO**

| | AMANNYA | EKITONGOLE | ESSIMU/ENDAGIRIRO |
|---|---|---|---|
| 31. | Nalugga J. Tomusange | Acalany | 0772519562 |
| 32. | Ssekanjako Henry | BBS TV | 0712524690 |
| 33. | DOREEN NAKAGIRI | Bbs Tv | 0754322529 |
| 34. | NAKATO JENIFFER | CBS Fm | 0706358705 |
| 35. | Namyalo Barbra | Bukedde Fm | 0751416252 |
| 36. | Dr. C.T. Mukasa Lusambu | Ministry of Educ. & Sports | 0782-830114 |
| 37. | Zawedde Evelyn | Ebyenjigiriza | 0784596304 |
| 38. | YIGA IBRAHIM | MUTEESA I UNIVERSITY | 0756545767. |
| 39. | SELWANGA RICHARD | Luganda Lecturer. Bugema University | 0789550616 |
| 40. | Kitaka Ssekabira | E.K.O | 0782834516 |
| 41. | KIBIRIGE JAMES | Wakibiina Kyolulimi | 0782354656 |
| 42. | | | |

www.[illegible]commission.com